


## EBISOOKERWAKO

Okuyiga kuno okuva mu Matayo kuwandiikiddwa eri BULI YENNA ayinza okunyumirwa mu bitonotono eby'olugero lw'enjiri ey'ekitalo. Teriiyo bubaka bwa kitalo nnyo bulala bwonna bwe tuyinza kubuulira nsi.

Kisuubirwa nti abantu abetolodde ensi yonna bajja kusanga akatabo kano nga ka mugaso era nga kayamba okusobola okutegeera obulungi Ekigambo kya Katonda ekiwandiike obulungi ddala, era bangi balyoke banoonye Yesu okuba Omulokozi w'obulamu bwabwe abayambe okuva mu kibi bwe babeera nga tebanaba kukivaamu. Nsaba akatabo kano era kalung'amye buli mukkiriza yeyongere okutambulira mu bulamu obusinga obulungi, obulamu obw'Ekikristaayo obwawulibwa buli lunaku, obusiimibwa Mukama Yesu Kristo, eyajja okutuwa obulamu obutaggwaawo.

Copyright © 1963, 2005 by Mrs. Rose A. Goodman

"SSANYU"—*Okuyiga Bayibuli mu Matayo* Kaakubibwa:

WORLD MISSIONARY PRESS, INC.
P.O. Box 120
New Paris, Indiana 46553-0120 USA

*Okuyiga Baybuli nga tusinziira ku Matayo* kagabibwa buwa. Mbasaba mwetegereze kino nti TEKAGABIBWA mu missa nga babuulira, naye kaakolebwa nga kakozesebwa mu bubinja obutono nga muyiga Bayibuli, abantu kinn'omu, oba mu kukyalira abantu abakkiriza abapya.

Bayibuli gye baakozesa ye ya Kabaka Yakobo Enzivuunula Empya era n'omuvvuunuzi w'Oluganda gy'agoberedde-1979, 1980, 1982. Thomas Nelson, Inc., Publishers. Kyakozesebwa ku lukusa.

Ekifaananyi ekiri ku ddiba kyaakubibwa Andrew Beverly.

## ESSOMO 1. OKUZAALIBWA KWA YESU KRISTO, OMULOKOZI WAFFE



Matayo 1:18-25

**[18]N'okuzaalibwa kwa Yesu Kristo kwali bwe kuti: Malyamu nnyina bwe yali nga ayogerezebwa Yusufu, nga te-bannaba kubeera wamu, n'asangibwa nga ali lubuto lwa Mwoyo Mutukuvu. [19]Awo Yusufu omwami we, nga bwe yali omusajja omutukuvu, yali nga tayagala kumuswaaza, yali asala amagezi kumulekayo kyama. [20]Naye bwe yali ng'alowooza ebintu ebyo, laba, malayika wa Mukama n'amulabikira mu kirooto, ng'agamba nti, "Yusufu, omwana wa Dawudi, totya kutwala mukyala wo Malyamu, kubanga olubuto lw'alina lwa Mwoyo Mutukuvu. [21]Era alizaala omwana ow'obulenzi, naawe olimutuuma erinnya lye YESU, kubanga oyo y'alilokola abantu be mu bibi byabwe." [22]Naye ebyo byonna byaaliwo obunabbi butuukirire obwayogerwa nti: [23]"Laba omuwala atamanyi musajja alibeera olubuto, era alizaala omwana ow'obulenzi, era aliyitibwa erinnya lye Emanuweri," ekitegeeza nti "Katonda ali naffe." [24]Awo Yusufu bwe yasisimuka mu tulo, n'akola nga malayika wa Mukama bwe yamugamba, n'atwala mukyala we, [25]era teyamumanya okutuusa ng'amaze okuzaala mutabani we omubereberye. Era yamutuuma erinnya lye YESU.**

### Eby'okukola

A. Buli kibuuzo we kikoma, waliwo akafo w'ojja okuwandiika eky'okuddamu kyo. Ekibuuzo bwe kikulema okutta, nga oddamu nga osoma bulungi nga wetegereza. Eby'okuddamu byonna ojja kubisanga mu ssomo erisooka.

1. Erinnya lya maama wa Yesu ye yali ani? ____________ ______________________ (olunyiriri 18)

2. Yesu yafuuka atya n'abeera mu lubuto lw'omuntu? ___________________________ (19). Kino kitulaga nga Katonda ye Taata wa Yesu kubanga Omwoyo Omutukuvu ne Katonda bali muntu omu.

3. Ani yalabikira Yusufu mu kirooto n'amugamba nti, **"Yusufu omwana wa Dawudi, totya kutwala mukyala wo Malyamu, kubanga olubuto lw'alina lwa Mwoyo Mutukuvu"**? ___________________________(20)

4. Yesu baamuwa erinnya eddala eritandika n'ennukuta E. Linnya ki? _________________ (23)

5. Erinnya Emanuweri litegeeza ki? _________________ _________________________ (23)

B. Yiga olunyiriri luno:

**"Olimutuuma erinnya lye Yesu; kubanga oyo y'alilokola abantu be mu bibi byabwe."** —Matayo 1:21b

### Lwaki Yesu Ayinza Okutulokola Okuva mu Bibi Byaffe

Yesu teyalina Taata wa mubiri. Omwoyo Omutukuvu ye Kitaawe. Y'ensonga lwaki omusaayi Gwe gwa bwakatonda era y'ensonga lwaki yali asobolera ddala okufa ku musalaba olw'ebibi byaffe. Yesu yali saddaaka etuukiridde eyaweebwayo okufirira ebibi kubanga Ye teyalina kibi kyonna. Yesu mutukuvu era yatuukirira. Ensonga enkulu eyasinga okuleeta Yesu mu nsi, kwe kutulokola okutujja mu bibi byaffe. Yajja ku nsi atulokole.



***YESU ERA KATONDA — YAJJA MU NKULA EY'ABANTU***



# ESSOMO 2. ABASAJJA ABAGEZIGEZI BAKYALIRA YESU




Matayo 2:1-23

**1 Yesu bwe yazaalibwa mu Be-
serekemu eky'e Buyudaaya mu
biro bya kabaka Kerode, laba,
abagezigezi ne bava e Buva-
njuba ne bajja e Yerusalemi,
2 nga bagamba nti, "Ali ludda
wa oyo eyazaalibwa Kabaka
w'Abayudaaya? Kubanga twa-
laba emunyeenye ye mu Buva-
njuba era tuzze okumusinza."
3 Kabaka Kerode bwe yabiwu-
lira, ne yeraliikirira awamu ne
Yerusalemi yonna. 4 N'ayita ba-
kabona abakulu bonna, aba-
wandiisi, n'abantu bonna n'a-
babuuza Kristo gye yazaali-
bwa. 5 Ne bagamba nti, "Mu
Beserekemu eky'e Buyudaa-
ya, kubanga kyawandiikibwa
ba nabbi nti: 6 'Naye ggwe,
Beserekemu Yuda, toli muto-
no mu bafuga Yuda; kubanga
mu ggwe; mwe muliva Omu-
fuzi alirunda abantu bange
Yisirayeri.' " 7 Awo Kerode n'a-
yita basajja abo kyama, n'aba-
buuza akakase ddi emunyeenye
lwe baagiraba. 8 N'abasiindika
e Beserekemu n'abagamba
nti, "Mugende mufube oku-
noonyereza eby'omwana oyo,
era bwe mulimulaba, munte-
geezanga nange ne nzijja ne
musinza." 9 Bwe baawulira
ebya kabaka ne basimbula;
era, laba, emunyeenye gye
baalaba e Buvanjuba n'e-
bakulembera, okutuusa bwe
yayimirira mu kifo omwana
we yali. 10 Bwe baalaba emuny-
eenye ne basanyuka nnyo
nyini. 11 Era bwe baatuuka mu
nnyumba, ne balaba omwana**





**omuto ne Malyamu nnyina; ne
bavunama ne bamusinza. Ne ba-
sumulula ensawo zabwe ne ba-
mutonera ebirabo: zaabu, obu-
baane n'omugavu. 12 Awo, mala-
yika wa Mukama bwe yabala-
bula mu kirooto baleme okudda-
yo eri Kerode, ne bakwata ekku-
bo eddala nga baddayo ewabwe.
13 Bwe baagenda, laba, malayika
wa Mukama n'alabikira 14 Yu-
sufu mu kirooto ng'agamba nti,
"Golokoka otwale omwana awa-
mu ne nnyina, muddukire e Mi-
siri, era mubeere eyo okutuusa
lwe ndi kutegeeza." 15 Era baa-
beerayo okutuusa Kerode bwe
yafa, ekyo Mukama kye yayo-
gerera mu banabbi kiryoke
kituukirire bwe yagamba nti,
"Nayita Omwana wange okuva e
Misiri." 16 Awo Kerode bwe ya-
laba nga abagezigezi baamuli-
mba, n'ajjula essungu; n'atuma
basajja be okutta buli baana ba
bulenzi bonna abaweza emyaka
ebiri n'okukka wansi bonna
abaali mu Beserekemu oku-
sinziira ku biro abagezigezi bye
baamugamba. Olwo nabbi Ye-
remiya bye yayogera ne bituu-
kirira nti; "Ebiwoobe byawu-
lirwa mu Ramma, okukaaba
n'okukungubaga okungi Lake-
ri ng'akaba olw'abaana be, era
n'agaana okukubagizibwa ku-
banga nga tewakyali." 19 Naye
Kerode bwe yafa, laba, malayi-
ka wa Mukama n'alabikira
Yusufu mu kirooto ng'agamba
nti, "Golokoka, otwale omwana
awamu ne nnyina mu Yisira-
yeri, kubanga abaali banoonya
obulamu bw'omuto, bafudde."
21 Awo n'agolokoka, n'atwala
omwana ne nnyina, ne bajja
mu nsi ya Yisirayeri. 22 Naye
bwe yawulira nga Alukerayo ye
yali afuga Buyudaaya oyo eya-
sikira kitaawe Kerode, n'atya
okugendayo. Era Katonda bwe
yamulabulira mu kirooto, n'a-
kyuka n'agenda e Galiraaya.**





**23 N'ajja n'abeera mu kyalo eki-
yitibwa Nazaleesi, kituukirire
ekyayogera nabbi nti, "Aliyiti-
bwa Munazaalayo."**

### Eby'okukola

A. Ebibuuzo ebyo wammanga oddamu nti YEE oba NEDDA. Eky'okuddamu kyo kiwandiike awo awali omusittale.

1. Yesu yazaalibwa mu Beserekemu eky'e Buyudaaya. __________________(1)

2. Abasajja abagezigezi emunyeenye baagiraba mu Buvanjuba. ___________ (2)

3. Kabaka Kerode bwe yawulira nga Yesu azaaliddwa yasanyuka. _________ (3)

4. Abasajja abagezigezi baddayo ewa Kerode ne bamubuulira omuto Yesu gye yali. ______ (12)

5. Malayika wa Mukama yagamba Yusufu nti adduke agende e Misiri. _________ (13)

6. Kabaka Kerode yatta abaana abato bonna abaali nga baweza emyaka ebiri n'okukka wansi abaali mu Beserekemu n'ebitundu ebiriraanyeewo? ____________ (16)

7. Yesu yabeerako mu kyalo ekiyitibwa Nazaalesi? _____________ (23)


B. Awali ebbanga jjuzawo ekigambo ekibulawo nga obijja mu lugero.

"Era bwe baatuuka mu nnyumba, ne balaba omwana omuto ne ____________________ nnyina, ne bavunama ne ___________________. Ne basumulula ensawo zabwe ne bamutonera ________: ________________, obubaane, ne________________" (11).

### Ekiweebwayo Ekyasooka

Ekiweebwayo ekyasooka okuweebwa Yesu abasajja abagezigezi be baakireeta. Ekirabo kya zaabu kali kabonero akalaga obwakabaka bwe. Obubaane n'omugavu byali bya kaloosa eby'emiti gy'e Buvanjuba era nagyo eri abantu gya muwendo nga zaabu. Obubaane nga bulaga embeera Ye ey'obuntu (ekitegeeza nti yazaalibwa mu mubiri nga omuntu) n'okuziikibwa kwe, ate omugavu gwe gulaga obwakatonda bwe. Tetwandisobodde kuwa Yesu birabo nga ebyo eby'omuwendo omungi, naye ekirabo ekisinga kye tuyinza okumuwa bwe bulamu bwaffe nga twewaayo gy'ali.

### Abasajja Abagezigezi Baasinza Yesu



Tukiraba mu ssomo ery'okubiri nga abasajja abagezigezi baasinza Yesu! Tebaasinza Malyamu. Ye Malyamu yazaala buzaazi Yesu. Era Yesu bwe yali ng'afa ku musalaba, maama we ow'omubiri yamusigira Yokaana. Mu ssuula 19 eya Yokaana, enyiriri 26 ne 27a, tusoma bino, **"Awo Yesu bwe yalaba nnyina, n'omuyigirizwa gwe yayagalanga nga bayimiridde awo, n'agamba nnyina nti, 'Omukyala, laba mutabani wo!' Ate n'agamba omuyigirizwa oli nti, 'Laba nnyoko!' "** Wano tulaba nga Yesu maama we yamuyita "Mukazi!"

Kitugwanidde okuba abegendereza ne tusinza Mukama waffe Yesu Kristo yekka, Omulokozi waffe. Jjukira mu ssomo erisooka twasoma nti erinnya lya Yesu eddala Ye **Emanuweri**, ekitegeeza nti Katonda ali naffe! Kino kituyigiriza nti Yesu naye Katonda. Kale bwe kityo lwali lunaku lukulu lwa kitalo nnyo Yesu lwe yajja ku nsi kuno nga omwana omuto



n'akulira mu basajja n'abakazi. Yesu Ye Katonda nga yeeraga eri abantu mu mubiri. (Soma Yokaana 1:1,14; Abakkolosaayi 2:9; Matayo 12:50.)

## ESSOMO 3. YOKAANA OMUBATIZA ABATIZA YESU



Matayo 3:1-6 ne 13-17

**[1]Mu nnaku ezo Yokaana Omubatiza yajja nga abuulira mu ddungu ey'e Buyudaaya, [2]ng'agamba nti, "Mwenenye, kubanga obwakabaka bw'eggulu busembedde!" [3]Kubanga ono ye yayogerwako nabbi Yisaaya nti: "Eddoboozi ly'oyo ayogerera mu ddungu nti, 'mulongoose ekubo lya MUKAMA, mutereeze enguudo ze.' " [4]Era Yokaana yayambalanga byoya bya ng'amira, n'olukoba olw'eddiba mu kiwato kye; yalyanga nzige na mubisi gwa njuki. [5]Awo ne bava e Yerusalemi ne mu Buyudaaya wonna n'ensi yonna eriraanyeewo ne bajja gy'ali [6]okubabatiza mu Yoludaani; nga baatula ebibi byabwe. [13]Awo Yesu n'ava e Galiraaya n'ajja eri Yokaana mu Yoludaani amubatize. [14]Naye Yokaana n'agezako okugaana ng'agamba nti, "Nze nnina ekyetaago ggwe okumbatiza, ate ojja gyendi?" [15] Naye Yesu n'addamu ng'agamba nti, "Kikkirize kaakano kibeere bwe kityo, kubanga kirungi ffe okutuukiriza obutuukirivu bwonna." Awo n'amukkiriza. [16]Awo Yesu bwe yabatizibwa n'ava mu mazzi. Amangu ago era laba, eggulu ne libikkuka n'alaba Omwoyo wa Katonda ng'akka mu kifaananyi ky'ejjuba ne limuwummulirako. [17]Amangu ago eddoboozi ne liva mu ggulu, nga ligamba nti, "Ono Ye Mwana wange omwagalwa, gwe nsanyukira ennyo."**



### Eby'okukola

Mu mabanga ago jjuzamu ebigambo ebituufu. Eby'okuddamu byonna bisangibwa mu ssomo ery'okusatu.

1. Yokaana omubatiza yabuulira obubaka obugamba bwe buti: **"Mwenenye kubanga obwakabaka bwa ________________ busembedde"** (2).
2. Yokaana yalyanga _____________ na _____________(4).
3. Ani yajja eri Yokaana naye nga ayagala okubatizibwa? ________________________ (13)
4. Yesu bwe yava mu mazzi, Omwoyo wa Katonda yamukkako mu kifaananyi kya ___________ (16).
5. Eddoboozi eryava mu ggulu lyagamba nti, **"Ono ye ___________________ omwagalwa gwe nsanyukira ennyo"** (17).

### Okwenenya Kitegeeza ki?

Okwenenya kitegeeza okunakuwala olw'ekikolwa ekikyamu oba nga waliwo kye tulemeddwa okutuukiriza. Era mu mutima oba nga oyaayana okwagala obutaddayo kukola nga bwe wakola. Okwenenya kitegeezaa okukyuka n'okomya okukola ebikyamu n'okola ebituufu. Ebintu ebikyamu bye tukola biyitibwa bibi. Eky'amazima kiri nti buli kintu kyonna ekitasanyusa Katonda kiyitibwa kyonoono oba kibi. Okwenenya okutuufu bulijjo kuleeta enkyukakyuka entuufu mu mitima gyaffe. Waaliwo akawala akaagamba nti; "okwenenya kitegeeza okunakuwala ekimala n'otuuka n'obutaddamu kukola ebyo era n'obivaako." Bwe tusaba eri Yesu, ajja kutuyamba








atuwe amaanyi agatunyweeza okusobola okubivaako. Ayinza okukyusa omutima ogubadde gujjudde ebibi ne gukyukira ddala ne gutukula. Mu mitima gyaffe ajja kujjamu ebibi ateekemu Omwoyo we. Wali osabyeko nga oyaniriza Mukama waffe Yesu okujja mu mutima gwo?

Akawala kano kasaba Yesu. Awo kaatula ebibi byako era kategeeza Yesu nga bwe kanakuwalidde ebyo bye kaakola. Yesu ajja kuwulira essaala yaako era akasonyiwe. Era ajja kukayamba okusobolanga okukola ebintu ebituufu bulijjo. Ajja kukawa omutima ogutukula. Singa buli lunaku kanasabanga Yesu, ajja kukawa amaanyi kabeere nga bulijjo kakola ebintu ebisiimibwa Yesu.

### Obujulizi Obutali bwa Bulijjo

Obwakatonda bwonna bwaaliwo mu kubatiizibwa kwa Yesu Kristo okw'enjawulo. (1) Katonda Kitaffe yayogera ng'ayima mu ggulu, ng'agamba nti, **"Ono ye Mwana wange omwagalwa, gwe nsanyukira ennyo."** (2) Katonda Omwana Ye yajja eri Yokaana okubatizibwa. Erinnya lye ery'obuzaale ye Yesu kubanga yajja okutulokola mu bibi byaffe. (3) Katonda Omwoyo Omutukuvu, eyakka ku nsi ng'ava mu ggulu mu kifaananyi eky'ejjuba n'awummulira ku Yesu.

Nga okwagala kwa Katonda kwa kyewuunyo nnyo gye tuli, olaba yeeraga eri abantu mu ngeri ezo essatu!

# ESSOMO 4. YESU AKEMEBWA OMULABE

Matayo 4:1-11

**[1]Awo Yesu n'akulemberwa Omwoyo n'amutwala mu ddungu okukemebwa Setaani. [2]Bwe yamala okusiiba ennaku amakumi ana emisana n'ekiro, awo enjala n'emuluma. [3]Awo omukemi bwe yajja n'agamba nti, "Oba nga oli mwana wa Katonda, lagira amayinja gano gafuuke emmere." [4]Naye n'addamu nti, "Kyawandiikibwa nti, omuntu tabeerenga mulamu na mmere yokka, wabula na buli kigambo ekiva mu kamwa ka Katonda." [5]Awo Setaani n'amutwala waggulu ku kitikkiro kya yekaalu [6]n'amugamba nti, "Oba oli mwana wa Katonda, buuka ogwe wansi, kubanga kyawandiikibwa nti, alikulagiriza bamalayika be era tolyesittala kigere kyo ku jjinja." [7]Yesu n'amugamba nti, "Nate kyawandiikibwa nti, 'Tokemanga MUKAMA Katonda wo.'" [8]Nate, Setaani n'atwala Yesu waggulu ku lusozi olugulumivu ennyo n'amulengeza obwakabaka bwonna obw'ensi n'ekitiibwa kyabyo. [9]N'amugamba nti, "Ebyo byonna nzija kubikuwa bw'onovunama n'onsinza." [10]Awo Yesu n'amugamba nti, "Vaawo ggwe, Setaani! Kubanga kyawandiikibwa nti; 'onasinzanga MUKAMA Katonda wo era Ye yekka gw'onoweerezanga.'" [11]Awo Setaani n'amuleka, era laba, bamalayika ne bajja ne bamuweereza.**



### Eby'okukola

A. Ddamu ebibuuzo bino wammanga era eby'okuddamu byonna bisangibwa mu ssomo 4.

1. Okusiiba kitegeeza obutalya mmere. Yesu yamala ennaku mmeka nga talya emisana n'ekiro? ______________ __________________ (2)



2. Ani yajja mu ddungu okukema Yesu? ______________ ______ __________ (enyiriri 1 ne 3)
3. Omukemi yali ayagala Yesu amayinja agafuule _______ ______________ (3).
4. Omukemi yali ayagala Yesu abuuke agwe wansi okuva ku kitikkiro kya ______________ (5).
5. Omukemi yali ayagala Yesu avuname asinze _______(9).

B. Yiga olunyiriri luno: **"Onasinzanga MUKAMA Katonda wo era Ye yekka gw'onaweerezanga."** —Matayo 4:10b

### Yesu Yagaana Okugondera Omukemi

Omukemi bwe yagezako nga ayagala Yesu okumugondera, Yesu teyamugondera era yali ategeera eddoboozi lya Setaani. (Erinnya ly'omukemi eddala ye Setaani era lye basinze okukozesa mu Essomo 4.) Omukemi yagezaako nnyo ng'ayagala Yesu akozese obuyinza bwe mu ngeri enkyamu. Kino kiyitibwa kikemo. Yali agezaako okukema Yesu akole ebikyamu. Naye Yesu teyagondera mukemi. Mu ngeri eyo Yesu teyagondera mukemi era yawangula okukemebwa so teyayonoona. Yesu yajjirwa ebikemo bisatu, naye teyagonderako yadde ekimu kyokka. Lowooza kino omukemi okwagala Yesu avuname amusinze! **Tetuteekwa** kumusinza. Ekyo kikyamu nnyo. Singa Yesu yawuliriza Setaani, yandibadde mugagga mu bintu by'ensi. Naye Yesu yagaana era nga tayagala kugondera Setaani na kumuweereza. Kale naffe tulina okuba abegendereza. Eby'obugagga tetulina kubifuna mu ngeri nkyamu katugambe mu: kukumpanya, okubba oba okwegaana Mukama waffe Yesu Kristo. Tuteekwa bulijjo okukulembeza Kristo mu bulamu bwaffe era n'okukola nga bw'ayagala ne bwe kiba nga tulina kubeera baavu. Yesu yavuwala ku lwaffe ggwe nange tufune obulamu obutaggwaawo era luliba lumu ne tugenda okubeera eyo emirembe gyonna (2 Abakkolinso 8:9).

Amaanyi gaffe tetuteekeddwa kugakozesa mu ngeri nkya-



mu. Bulijjo tuteekwa okukuuma amateeka gonna ag'obutonde era ne tukuuma bulungi emibiri gyaffe. Yesu yatuyigiriza kino bwe yagaana okubuuka okuva waggulu ennyo ku kitikkiro kya yekaalu. Tetuteekwa kukosa oba okulumya emibiri gyaffe nga tukigenderedde.


### Ekyama Yesu kye Yakozesa

Ekiseera kyonna omulabe buli lwe yakemanga Yesu, nga Yesu yakozesanga KIGAMBO kya KATONDA. Ekyo ggwe nange kye tulina okukola. Katonda yatuwa Bayibuli okugisomanga. Bayibuli kye Kigambo kya Katonda. Bwe tusoma Bayibuli tufuuka ba maanyi. Kye tulina okuyiga z'enyiriri za Bayibuli zituyambe okuwangula omukemi. Ekikemo bwe kijja gye tuli, olwo kiba nga tekinaba kufuuka kyonoono. Naye bwe tugondera ekikemo olwo ne twonoona. Bayibuli etugamba mu Abaebbulaniya 4:15b nti Yesu **"yatuukibwako okukemebwa kwonna nga ffe, naye teyayonoona."** Yesu teyagondera kikemo kya mukemi kyonna yadde ekimu obumu.

### Jjukira kino:

Eddoboozi lyonna erijja gy'oli nga ligezako okukukozesa ebikyamu libeera lya Setaani. Eryo teribeera doboozi lya Katonda! Yanguwa mangu awo okusaba eri Yesu akuwe amaanyi oleme okugondera eddoboozi lya Setaani. Setaani bw'alaba nga tayinza kukukema kukukozesa bikyamu, akuvaako n'agenda era nga omukemi bwe yava awaali Yesu n'amuleka.

# ESSOMO 5. YESU ALONDA ABAYAMBI BE



Matayo 4:17-22

**[17]Okuva mu kiseera ekyo Yesu n'atandika okubuulira ng'agamba nti; "mwenenye, kubanga obwakabaka bwa Katonda busembedde." [18]Awo Yesu bwe yali ng'atambula ku lubalama**



**lw'ennyanja ey'e Galiraaya, n'alaba ab'oluganda babiri, Simooni eyayitibwanga Peetero ne Andereya muganda we, nga basuula obutimba bwabwe mu nnyanja; kubanga baali bavubi. [19]N'abagamba nti, "Mungoberere, nange ndibafuula abavubi b'abantu." [20]Amangu ago ne baleka awo obutimba bwabwe ne bamugoberera. [21]Era bwe yava awo n'alaba ab'oluganda aba-lala babiri, Yakobo mutabani wa Zebidaayo ne Yokaana muganda we nga bali mu lyato ne taata wabwe Zebidaayo nga bayunga emigonjo gyabwe. N'abayita, [22]era amangu ago ne baleka taata wabwe n'eryato ne bamugoberera.**

### Eby'okukola

A. Ddamu ebibuuzo ebyo byonna awo wammanga nga ojjuzamu. Eby'okuddamu byonna bisange mu ssomo 5.

1. Erinnya lya muganda wa Simooni Peetero ye yali ani? ____________________________ (18)
2. Ab'oluganda abo kiki kye baali basuula mu nnyanja? ____________________________ (18)
3. Yakobo mutabani wa Zebidaayo naye yalina muganda we. Yali ayitibwa ani? __________________ (21)
4. Ab'oluganda abo ababiri kiki kye baali baddaabiriza? __________________________ (21)

B. Yiga ebigambo Yesu bye yagamba ab'oluganda abo. **"Mungoberere, nange ndibafuula abavubi b'abantu."** —Matayo 4:19b

### Okuyitibwa Okunene Okw'okugoberera Yesu

Kirabikira ddala nga abavubi bano bajjula essanyu bwe baawulira Mukama waffe ng'abayita okumugoberera! Baamuwulira mangu nnyo na ssanyu. Mu kifo ky'okukwasa ebyennyanja mu butimba bwabwe, nga olwo bagenda kutandika kuvuba bantu. Yesu ayagala abagoberezi bangi. Eky'amazima kiri nti ayagala fenna tumugoberere! Naawe ogoberera Yesu? Bwe kiba nedda, lwaki nedda? Ekyo wali okilowoze-

zzako? Okuyitibwa okusingira ddala obukulu mu byonna kwe kwa Yesu Kristo ng'ayita okujja okumugoberera! Okugoberera Yesu kitegeeza kwetwalira bulamu obutaggwaawo. Mu Yokaana essuula 14 olunyiriri 6b, Yesu agamba nti, **"Nze kkubo, n'amazima n'obulamu. Tewali ajja eri Kitange, okujjako ng'ayita mu Nze."**

## ESSOMO 6. EBYO KRISTO BYE YAYIGIRIZA



Matayo 5:1-12

**[1]Olwalaba ebibiina, n'agenda**
**waggulu ku lusozi, awo bwe**
**yatuula wansi, abayigirizwa be**
**ne bajja w'ali. [2]Awo n'ayasa-**
**mya akamwa ke n'abayigiriza,**
**ng'agamba nti, [3]"Balina omu-**
**kisa abaavu mu mwoyo, kuba-**
**nga obwakabaka obwo mu ggu-**
**lu bwe bwabwe. [4]Balina omuki-**
**sa abo abakaaba, kubanga bali-**
**sanyusibwa.**
**[5]Balina omukisa abawulize;**
**kubanga be balisikira ensi. [6]Bali-**
**na omukisa abo abalumwa enja-**
**la n'enyonta olw'obutuukirivu;**
**kubanga balikkusibwa. [7]Balina**
**omukisa ab'ekisa; kubanga ba-**
**lisaasirwa. [8]Balina omukisa aba-**
**lina emitima emirongoofu, ku-**
**banga abo be baliraba Kato-**
**nda. [9]Balina omukisa abataba-**
**ganya olw'emirembe, kubanga**
**baliyitibwa baana ba Katonda.**
**[10]Balina omukisa abo abayi-**
**gganyizibwa olw'obutuukirivu,**
**kubanga obwakabaka obw'e-**
**ggulu bwe bwabwe. [11]Mulina**
**omukisa bwe babakuba ne ba-**
**bayigganya, ne babawaayiriza**
**buli kigambo ekibi olw'oku-**
**balanga Nze. [12]Musanyuke mu-**
**jaguze nnyo, kubanga empeera**
**yammwe nnene mu ggulu, ku-**
**banga bwe batyo bwe baayi-**
**gganyanga banabi abaabasoo-**
**ka."**

### Balina Omukisa Abakola Eby'ekisa

Lwali lumu omusajja yali atambula ng'ayita mu nsi embi ennyo, n'asanga embwa ng'erina ekiwundu ku kigere. Omusajja oyo yakebera ekigere ky'embwa n'asaangamu eriggwa. Eriggwa eryo yalitundula bulungi, n'anaazawo, ekigere ky'embwa n'akisiba bulungi n'akatambala ke. Awo embwa ne yeetambulira n'egenda.



Oluvanyuma lw'ebyo, omusajja oyo Abayindi ne bamuwamba. Baamusiba mu kkomera nga n'ekibonerezo kye alina kuttibwa. Amangu ago embwa y'Omuyindi ow'omuluka n'edduka n'etuuka ku musajja oyo. Awo n'etandika okumukomberera ku mikono n'okulaga nga emwagala nnyo. Omuyindi yakizuula nga omusajja oyo ye yawonya embwa ye olulala. Yasiima nnyo ekikolwa ky'omusajja oyo era n'amuta ne yegendera.

**"Balina omukisa ab'ekisa; kubanga balikwatirwa ekisa."** —Matayo 5:7

### Ebyesiimisa

Mu ssomo ery'omukaaga mulimu "okwesiima" kwa mirundi mwenda. Wano obw'edda aguyita mukisa. Yadde nga Katonda yatuwa amateeka kkumi, Yesu Ye yatulaga okwesiima kwa mirundi mwenda. Naye nno, mu Okubikkulirwa, essuula 22, olunyiriri 14, waliwo ekirala ekigamba nti, **"Balina Omukisa" — "Balina omukisa abo abakola amateeka, baliba ba ddembe okulya ku muti ogw'obulamu, era baliyingira nga bayita mu mulyango gw'ekibuga."**

## ESSOMO 7. YESU ATUYIGIRIZA OKUSABA



Matayo 6:5-15

**[5]"Era bwe musabanga, temu-**
**fananaanga nga bananfuusi. Ku-**
**banga baagala okusaba nga ba-**
**yimiridde mu makunganiro ne**
**ku nguudo, mbu era babalabe.**
**Mazima ddala, mbagamba nti,**
**bamaze okufuna empeera yaa-**



**bwe. [6]Naye ggwe bw'osabanga,**
**yingiranga mu kisenge kyo**
**munda, ggalawo olugi lwo, saba**
**eri Kitaawo oyo alaba mu kya-**
**ma; era Kitaawo oyo amanya**
**ebyama alikuwa empeera yo mu**
**lwatu. [7]Naye bwe musabanga**
**temuddingananga mu bigambo**
**nga abakafiiri bwe bakola. Ku-**
**banga balowooza nti banawu-**
**lirwa olw'ebigambo byabwe**
**ebingi. [8]N'olw'ekyo temufana-**
**nanga nga abo kubanga Kita-**
**mmwe amanya bye mwetaaga**
**nga temunasaba. [9]Mu mpisa**
**eyo, n'olw'ekyo musabenga**
**bwe muti: Kitaffe ali mu ggulu,**
**erinnya lyo litukuzibwe. [10]O-**
**bwakabaka bwo bujje. By'oya-**
**gala bikolebwe mu nsi, nga bwe**
**bikolebwa mu ggulu. [11]Tuwe**
**leero emmere yaffe eya bulijjo.**
**[12]Era otusonyiwe ebyonoono**
**byaffe nga naffe bwe tusonyiwa**
**abatusobya. [13]Totutwala mu**
**kukemebwa, naye otulokole eri**
**omubi. Kubanga obwakabaka,**
**n'obuyinza n'ekitiibwa bibyo**
**emirembe n'emirembe. Amiina.**
**[14]Kubanga bwe musonyiwa a-**
**bantu ebyonoono byabwe; Ki-**
**tammwe ali mu ggulu nammwe**
**agenda kubasonyiwa. [15]Naye**
**bwe mutali basonyiwa busobya**
**bwabwe, ne Kitammwe naye ta-**
**lisonyiwa kusobya kwammwe."**

### Eby'okukola

A. Wammanga awo waliwo essaala Yesu gye yatuyigiriza okusabanga. Ebigambo ebimu baabibuukidde. Ddamu otunuulire nate essomo ery'omusanvu oluvanyuma ojjuzeemu ebigambo ebibulamu.

**Kitaffe ali mu ___________, erinnya lyo litukuzibwe. Obwakabaka bwo bujje. By'oyagala bikolebwe mu ____________, nga bwe bikolebwa mu ___________. Tuwe leero __________ yaffe eya bulijjo. Era otusonyiwe ebyonoono byaffe, nga bwe tusonyiwa __________. Totutwala mu kukemebwa, naye otulokole eri __________. Kubanga obwakabaka, n' __________, n' ___________, bibyo, emirembe n'emirembe. Amiina.** (enyiriri 9-13)

B. Essaala eno giyige. Ky'eky'okulabirako ky'okusaba era okulung'amya kw'essaala entuufu. Tuyiga bingi nga bisinziira mu ssaala eno.



1. Kitaffe abeera mu **ggulu** era Ye Kita**ffe** eyatutonda era atwagala.
2. Erinnya lye terikozesebwa mu bya kusaaga. "Erinnya lyo **Litukuzibwe."**
3. Buli yenna abeera mu ggulu akola okwagala kwa Katonda. Kitugwanidde okusaba okwagala kwe kukolebwe ne ku nsi. Singa buli muntu yenna akola okwagala kwa Katonda, ensi yaffe nga yandibadde ya kitalo nnyo!
4. Kitaffe tuyinza okumutegeeza byonna bye twetaaga. N'emmere obumere eya buli lunaku tugimusaba. Ayagala okutugabirira mu byetaago byaffe byennyini. Ajja kutuyamba okukola ku bizibu ebiri mu bulamu bwaffe.
5. Abalala tubasonyiwa tutya? Yesu anatusonyiwanga kyenkanyi nga naffe bwe tusonyiwa abalala. Katonda tayinza kutusonyiwa nga tulina ekiruyi, obukaawu, obukyayi oba ekkonda mu mitima gyaffe. Katonda atusonyiwa bye tusobya singa nga naffe tusonyiwa abo abatusobya.
6. Katonda alina obuyinza bwonna obutununula mu kukemebwa n'eri omulabe.
7. Katonda asobola nnyo okukola ku bye tumusaba kubanga obwakabaka, n'obuyinza n'ekitiibwa bibye.

## ESSOMO 8. OBULABIRIZI BWA KATONDA OBWA BULI LUNAKU



Matayo 6:25-34

**[25]"N'olw'ekyo mbagamba nti,**
**temweralikiriranga bya bulamu**
**bwammwe, bye munaalya oba**
**bye munaanywa; yadde emibiri**
**gyammwe bye munayambalanga.**
**Obulamu tebusinga emmere, oba**
**omubiri tegusinga byambalo?**

[26]Mutunuulire ebinyonyi eby'o-
mu bbanga; tebisiga so tebi-
kungula yadde era tebirina na
mateekero. Naye era nabyo Ki-
taffe ow'omu ggulu abiriisa.
Mmwe temusinga nnyo binyo-
nyi ebyo? [27]Ani ku mmwe ayi-
nza okweyongerako ekintu kyo-
nna olw'okweralikirira kwe?
[28]Kale lwaki mweralikirira e-
by'okwambala? Mulowooze ku
malanga ag'oku ttale; engeri
gye gakulamu; tegakola so te-
galanga ngoye; [29]naye era mba-
gamba nti yadde ne Sulemaani
mu kitiibwa kye teyafanana
nga erimu ku go. [30]Kaakano
oba nga Katonda ayambaza
omuddo oguli ku ttale, ogubee-
rawo olwa leero enkya ne guka-
la, talibambaza nnyo mmwe
abalina okukkiriza okutono?
[31]N'olw'ekyo, temweralikirira-
nga nga mugamba nti, 'tunaa-
lya ki?' oba 'tunanywa ki?' oba
'tunayambala ki?' [32]Kubanga
ababi nabo ebyo bye banoonya.
Kubanga Kitammwe ali mu
ggulu amanyi nga ebyo byonna
mubyetaga. [33]Naye musooke
munoonye obwakabaka bwa
Katonda n'obutuukirivu bwe;
n'ebirala byonna biribonge-
rwako. [34]N'olw'ekyo, temwera-
likiriranga bya nkya, kubanga
olw'enkya lujja kweralikirira
ebyalwo. Olunaku olumu emi-
tawana gyalwo girumala."

### Eby'okukola

Yiga olunyiriri luno: **"Naye musooke munoonye obwakabaka bwa Katonda n'obutuukirivu bwe, n'ebirala byonna biribongerwako."** —Matayo 6:33

### Bye Tuyiga Okusinziira ku Binyonyi

Wali otunuulidde ku bunyonyi obutono nga bwetaaya mu bbanga? Bubeera n'essanyu. Tebuba na kwerarikirira kwonna. Tewali kibutiisa. Buli lunaku buzuukuka nga buyimba. Buli lunaku bweyanza emmere gye bufuna ne bulya. Tebweraliikirira mmere ya nkya. Bumanyi nga n'enkya bujja kufuna emmere. Bwesiga Katonda nga ajja kubulabirira bulungi.

Ggwe nange twandibadde nga ebinyonyi. Tuteekwa kuba basanyufu ne tuyimba amatendo ga Katonda buli ku makya, buli lunaku. Tetuteekeddwa kweraliikirira mmere yaffe ya nkya. Oyo Katonda eyatonda obunyonyi era abuyamba ne



bufuna emmere buli lunaku, era naffe ajja kutuyamba tufune emmere eya buli lunaku. Tuteekwa okumwesiga. Tusinga nnyo obunyonyi.

### Bye Tuyiga Okuva ku Malanga

Wali olabye ku malanga? Bimuli birungi ebitera okumera ku ttale. Bibeera nga bifaanana bulungi ate ebimu birina erangi enjeru ennungi ennyo. Yesu yagamba nti amalanga gano gayambala bulungi okusinga kabaka omu eyali omugagga ennyo Sulemaani! Ate nga amalanga ago tegeeraliikirira bye ganayambala yadde bye ganaateekako. Katonda yagawa dda obulungi bwago n'agambaza n'erangi ennungi. Ggwe nange kitugwanidde okwesiga Katonda nga anatwambazanga. Ye yatutonda era ayagala tumwesige nga y'ajja okutuwa eby'okwambala. Ffe tusinga nnyo amalanga.

### Ekintu Ekisinga Obukulu

Ekisuubizo kya Katonda eri ggwe nange tukisanga mu lunyiriri lwe tulina okuyiga. Tuteekeddwa kusooka kunoonya Katonda. Y'ateekwa okukulembera mu ndowooza zaffe, mu mitima gyaffe ne mu bulamu bwaffe. Tuteekwa kubeerawo ku lulwe era nga Ye gwe tusinga okwagala era tumwagale okusinga byonna ebiri mu nsi. Bwe tumukulembeza, Ye ajja kutulabirira nnyo okusinga ffe bwe tuyinza okwerabirira!

## ESSOMO 9. OBULUNGI BWA KATONDA GYETULI



Matayo 7:7-12

[7]"Musabe muliweebwa; mu-
noonye muliraba; mweyanjule
muliggulirwawo. [8]Kubanga a-
saba aweebwa, anoonya alaba
era n'eyeyanjula aggulirwawo.
[9]Oba ani ku mmwe omwana we
bw'amusaba omugaati n'amu-
wa ejjinja? [10]Oba bw'asaba
ekyennyanja n'amuwa omuso-
ta? [11]Oba nga mmwe ababi mu-
manyi okuwa abaana bammwe
ebirungi, Kitammwe ali mu
ggulu talisinga nnyo kubawa
bintu birungi abo abamunoo-
nya! [12]N'olw'ekyo, buli kye
mwagala abantu okukibakole-
ra, nammwe mukibakolerenga,
kubanga eryo ly'Etteeka ne Ba-
nabbi."



### Bye Tuyiga nga Tusinziira ku Kyawandiikibwa Ekyo Waggulu

1. Katonda ayanukula bye tusaba era Kitaffe ali mu ggulu gwe tulina okusaba.
2. Okwagala Kitaffe kw'alina eri ffe kusingira ddala okwagala kwa bazadde baffe abali ku nsi. N'olw'ekyo ajja kutuwanga ebintu ebirungi oba ebintu ebirungi eri obulamu bwaffe.
3. Anoonya ennyo Katonda oyo ajja kuweebwa empeera.
4. Okuyigiriza kwonna okuli mu Bayibuli kujjayo amazima gano—okukolera abalala nga naffe bwe twagala batukolere. "Abalala" kitegeeza buli muntu omulamu si abo bokka ab'ewammwe oba ab'enzikiriza yo.

### Eby'okukola

Yiga olunyiriri luno olukulu. Luyitibwa Etteeka erya Zaabu. **"N'olw'ekyo, ebyo bye mwagala abantu babakolere, nammwe mubibakolerenga."** —Matayo 7:12a

### Ebyo Etteeka erya Zaabu bye Likoze

Abakazi n'abasajja bwe batambulira mu tteeka erya zaabu ne bagoberera bye ligamba, wabeerawo ebintu ebyewuunyisa ebibalukawo. Bino bye bimu kw'ebyo:

1. Amalwaaliro gazimbibwa olw'abalwadde.
2. Amaka gazimbibwa okuyamba abaavu, abaana abatalina bazadde, era n'abantu abakadde abatalina babalabirira.
3. Amakomera galongoosebwa ne mu by'obuyonjo.
4. Abantu baweebwa eddembe. Tebakyagulibwa na kutundibwa nga baddu.




5. Oluusi abaavu babawa emmere n'engoye.
6. Abantu baagalana era ne bagezaako okuwewula emigugu ne gibeera nga gyanguwa okusitula.
7. Abakulembeze bagezaako okukola amateeka agakuuma abo be bakulembera.
8. Abantu baweebwa eddembe okusinza Katonda nga bwe basobola.

### Ekibuuzo Ekirungi Okwebuuza

Bw'oba nga tewekakasa ngeri gy'oyinza kugoberera Tteeka lya Zaabu mu bulamu bwo, oba bw'oba nga tewekakasa ngeri gy'oyinza kuyisamu mutambuze, ow'omukwano, oba mulabe, webuuze ekibuuzo kino: "Singa nga nze mbadde mu kifo kye, nandibadde njagala ankolere ki?" Ekyo bw'okiddamu mu mazima mu mutima gwo era n'okikola, olwo nga ogoberedde Etteeka erya Zaabu.

## ESSOMO 10. ABAZIMBI ABABIRI



Matayo 7:24-29

[24]"N'olw'ekyo buli awulira ebi-
gambo byange, era n'abikola, ndi-
mufananya nga omusajja ow'a-
magezi eyazimba ennyumba ye
ku lwazi: [25]enkuba n'etonnya,
amataba ne galinnya, empewo
n'ekuntira ku nnyumba eyo;
naye teyagwa, kubanga yazim-
bibwa ku musingi gwa lwazi.
[26]Era na buli awulira ebigambo
byange naye n'atabikola, afa-
nana nga omusajja omusiru eya-
zimba ennyumba ye ku muse-
nyu: [27]era enkuba n'etonnya,
amataba ne gajja, empewo n'e-
kunta era kibuyaga n'akuba e-
nnyumba n'egwa. Era n'ekigwo
kyali kinene." [28]Awo Yesu bwe
yamala okwogera ebigambo ebyo,
abantu ne bawuniikirira nnyo
olw'enjigiriza ye, [29]kubanga ya-
bayigiriza nga nannyini buyinza
so si nga abawandiisi.

### Eby'okukola

Jjuza mu mabanga ago wammanga. Eby'okuddamu byonna obisanga mu ssomo 10.

1. Omusajja eyawulira ebigambo bya Yesu era n'abikola yamufaananya __________________ eyazimba ennyumba ku lwazi (24).
2. Omusajja eyawulira ebigambo bya Yesu N'ATABIKOLA yamufaananya omusajja ____________ eyazimba ennyumba ye ku musenyu (26).

### Omuzimbi ow'amagezi

Ggwe nange bwe tubeera nga twagala okufanana n'omusajja omugezi, olwo tulina okuwuliriza ebigambo bya Yesu era ne TUBIKOLA. Ebigambo bya Yesu tubisanga mu Bayibuli. Ebigambo bya Yesu bingi bye tusanga mu Matayo, era bye tuyigako kati. Obulamu bwaffe bwe tubuzimbira ku bigambo bya Yesu ne tubigondera, awo omuyaga ne bwe gujja tusigala nga tuli bagumu. “Omuyaga” mu bulamu bye bintu nga ebigezo, emitawaana, ebintu ebizibu, oba n'ebintu ebijja gye tuli nga bireeta ennaku. Yesu Kristo ali nga olwazi. Munyweevu akakasibwa era tayinza kusimbulwa. Obulamu bwaffe bwe tubuzimba ku ye, olwo Ye atukwata n'atunyweeza era tewali kintu kyonna kiyinza kutunyeenya ne tumuvaako. Oyagala okubeera omuzimbi ow'amagezi? Kale kati kkiriza Yesu ajje mu mutima gwo. Saba Yesu era omugambe ajje ayingire mu mutima gwo. Ayagala nnyo. Ggwe olina kuggulawo olugi lw'omutima gwo, naye anayingira.



### Essaala

Mukama, sonyiwa buli kibi kyange;
Nnaaza era ontukuze munda,
Beeranga mu nze buli lunaku; nsabye onnung'amye mu byonna bye nkola ne bye njagala.



Yesu mu Okubikkulirwa 3:20 yayogera ebigambo bino: **“Laba nyimiridde ku lugi nkonkona. Omuntu yenna bw'awulira eddoboozi lyange n'aggula olugi, nnaayingira gy'ali ne ndya wamu naye, naye n'alya nange.”**


### Omuzimbi Omusirusiru

Abantu abamu tebagondera Kigambo kya Katonda. Bawuliriza buwuliriza ne beerabira bye bawulidde. Bafaanana nga omusajja omusiru. Omuyaga gw'ensi bwe gubakuba, tebasobola kuyimirira naye bakkirira mangu ne bagwa nga ennyumba eyazimbibwa ku musenyu. Kino kibi nnyo. Tebakkiriza Yesu kuyingira mu mitima gyabwe era tebagondera bigambo bya Yesu.

### Yiga Olunyiriri Luno

**“Naye mubeerenga abakozi b'ekigambo, so si bawulizi buwulizi.”** —Yakobo 1:22a

## ESSOMO 11. OMUYAGA N'ENNYANJA BIGONDERA YESU



Matayo 8:23-27

**23 Awo bwe yayingira mu lya-
to, abayigirizwa be ne bamugo-
berera. 24 Amangu ago omuyaga
ogw'amaanyi ne gujja ku nnya-
nja, eryato ne lijjula amayengo.
Naye yali yeebase. 25 Awo abayi-
girizwa ne bajja gy'ali ne ba-
muzuukusa nga bagamba nti,
“Mukama waffe, tulokole! Tu-
zikirira!” 26 Naye n'agamba nti,
“Lwaki mutya, O! mmwe aba-
lina okukkiriza okutono?” Awo
n'agolokoka n'aboggolera omu-
yaga ogwali ku nnyanja. 27 Awo
abasajja ne bawuniikirira, nga
bagamba nti, “Ono y'ani, omu-
yaga n'ennyanja bimuwulira?”**



### Omuyaga ku nnyanja


Yesu n'abayigirizwa be baali ku nnyanja mu lyato eddene. Yesu yali akooye era nga yeebase. Bwe yali nga akyebase, omuyaga ogw'amaanyi ne gusituka ku nnyanja. Amayengo ne gasituka eryato ne libulira mu mayengo! Abayigirizwa baatya nnyo ne bazuukusa Yesu. Yesu ateekwa okuba nga yeewuunya nnyo, okulaba nga abayigirizwa baali batidde nnyo. Naye bwe yalaba okukkiriza nga kutono, N'agolokoka n'alagira omuyaga n'ennyanja okuteeka. Amayengo agaali ku nnyanja gaateeka. Awo abayigirizwa baategeera nga bwe baali n'Omusajja ow'ekyewuunyo ennyo era nga wa njawulo ku basajja abalala bonna be baali balabye. Mazima ddala omusajja oyo Ye Mwana wa Katonda! Omuyaga n'ennyanja bimugondera!

### Bye Tulina Okujjukira

Edda ennyo waaliyo omukazi ng'alina bawala be babiri bonsatule baali nga basaabala mu lyato eddene ku nnyanja. Obuzibu ne butuuka ku nnyanja eryato ne litandika okubbira. Abantu abaali mu lyato ne bajjula entiisa. Naye omukazi oyo n'abaana be baali baagala Yesu era nga bamutya ate nga bamwesiga. Omanyi omuwala omukulu kye yayogera? Yagamba maama we nti, “Maama, ennyanja yiye, kubanga Ye yeyagikola, n'olw'ekyo tuleme kutya. Yadde nga tunabbira, tujja kuba nga tetunnasukka bulabirizi bwe.” Baali nga bajudde okwakayakana mu maaso gaabwe era ne basisinkana okufa mu buziba bw'ennyanja. Jjukira kino, mmwe mikwano gyange abaagalwa, “TEWALI KULUMA KWENYINI KUYINZA KUJJA GYE TULI YESU BW'ABEERA NAFFE.”



## ESSOMO 12. TUTEEKWA OKUBABUULIRA KU BALALA EBIFA KU YESU



Matayo 10:28-33

**28 “Era temutya abo abazikiri-
za omubiri so nga tebayinza ku-
tta mwoyo. Naye mutye oyo ayi-
nza okuzikiriza byombi emmee-
me n'omubiri mu geyena. 29 E-
nkazaluggya ebbiri tebazitunda
nnusu? Naye tewali n'emu egwa
ku ttaka nga ssi kwagala kwa
Kitaffe. 30 Naye n'enviiri eziri
ku mutwe gwo azimanyi omu-
wendo. 31 N'olw'ekyo temutya;
enkazaluggya enyingi muzisi-
nga omuwendo. 32 N'olw'ekyo
buli anjatulira mu maaso g'aba-
ntu, nange ndimwatula mu
maaso ga Kitange Oyo ali mu
ggulu. 33 Naye buli anegaana mu
maaso g'abantu, nange ndi-
mwegaana eri mu maaso ga Ki-
tange Oyo ali waggulu.**

### Okwatula Kristo Kyetaagisa

Yesu Kristo yatusuubiza nti bwe tumwatula ku nsi mu maaso g'abantu, Naye bwe tulituuka mu ggulu y'alitwatula mu maaso ga Katonda. Kino kya kitalo nnyo! Okumwatula kitegeeza kuyimirira ku Ye mu bigambo byaffe era ne mu bikolwa byaffe. Ggwe abantu abalala otera okubategeeza ku maanyi ga Yesu agayinza okutulokola mu bibi byaffe? Abantu abalala obategeeza kw'ebyo bye yakukolera era nga ggwe bwe yakulokola? Bino bye bimu ku bintu bye tuteekwa okukola bwe tuba nga twagala okwatula Yesu mu maaso g'abantu.

Naye nno, ensonyi bwe zitukwata ne tulemwa okwogera ku Yesu, era ne tulemwa okukola ebyo abantu nga bwe kitugwanidde eri abantu, olwo Mukama waffe tuba nga tumwegaana mu maaso g'abantu. Kino kikulu nnyo era kinyiiza Yesu mu mutima gwe. Tuteekwa okusaba Yesu n'atusonyiwa

era Ye gwe tulina okwesiga nga ajja kutuyamba tusobole okukola ebintu ebisiimibwa mu maaso ge. Olwo ebya Yesu okutwegaanira mu maso ga Katonda mu ggulu ffe tetulibimanya.

### Tuleme Okutya Abantu

Abantu abamu babi nnyo. Bakola ebintu ebizibu ennyo. Oluusi batta abantu. Naye basobola kutta mubiri gwokka; tebasobola kutta myoyo. Omwoyo ky'ekitundu ekiri munda mu ffe nga kyo tekifa. Emibiri gyaffe bwe gifa, emyoyo nga giddayo mu ggulu eri Katonda agigaba. **"Kyateekerwawo omuntu okufa omulundi gumu, naye oluvanyuma lw'ekyo musango"** (Abaebbulaniya 9:27b). Ggwe nange tulina okuwaayo embalirira y'ebikolwa byaffe eri Katonda. Abaruumi 14:12 agamba nti: **"Olwo buli omu ku ffe aliwaayo embalirira ye eri Katonda."** Katonda gwe tulina okutya. Laba Omubuulizi 12:13b ne 14. **"Tyanga Katonda era okwate ebiragiro bye, kubanga gwe mulimu gwonna ogw'omuntu. Kubanga Katonda emirimu gyonna aligiyisa mu kulamula, na buli ekiri mu kyama, ekirungi era n'ekibi."**

Katonda yatugaana okutya ebyo abantu bye bayinza okutukola. Bayinza okutwogerako ebintu ebikyamu; bayinza okutulumya; bakyayinza n'okututta, naye Katonda agamba nti tusigale nga tumwesiga. Katonda ebintu byonna abimanyi! Amanyi n'omuwendo gw'enviiri eziri ku mitwe gyaffe! Katonda ebintu byonna abimanyi! Era ne bwe kabeera akakazaluggya oba akanyonyi akalala konna nga kagudde wansi, akimanya. Ffe tuli ba muwendo mungi okusinga enkazaluggya enyingi ennyo! Kale tayinza kutwerabira! Mu Abaebbulaniya 13, olunyiriri 5b, Katonda agamba nti, **"Sikwabulirenga so sikulekenga."**



## ESSOMO 13. OLUGERO LW'OMUSIZI



Matayo 13:1-9 ne 18-23

**[1]Ku lunaku lwe lumu olwo
Yesu yafuluma enju n'agenda
n'atuulira awo ku lubalama
lw'ennyanja. [2]Ebibiina ebinene
ne bekung'anyiza we yali, bw'a-
tyo n'alinnya mu lyato n'atuula
omwo; ebibinja byonna ne ba-
yimirira awo ku lubalama lw'e-
nnyanja. [3]Awo n'abuulira ebi-
ntu bingi mu ngero, ng'agamba
nti, "Laba, omusizi yafuluma
okusiga. [4]Bwe yasiga, ensigo
ezimu ne zigwa ku mabbali
g'ekkubo; ebinyonyi ne bijja ne
bizirya. [5]Ezimu zaagwa ku ma-
yinja, nga tewali ttaka lizimala
kukula bulungi; ne zimera ma-
ngu ago. [6]Naye omusana bwe
gwayaka ne ziwotoka kubanga
tezasimba mmizi ne zikala. [7]E-
ndala zaagwa mu maggwa,
amaggwa ne gazifumita [8]Naye
ate endala zaagwa ku ttaka
eddungi era ne zibala ebibala;
ezimu kikumi, endala nkaaga,
n'endala amakumi asatu. [9]Alina
amatu ag'okuwulira awulire!"
[18]"Kale muwulire olugero lw'o-
musizi: [19]Omuntu yenna bw'a-
wulira ebigambo by'obwakaba-
ka n'atabitegeera, awo omubi
ajja mangu n'amukwakkulako
ebyasigibwa mu mutima gwe.
Ezo z'ezaagwa ku mabbali g'e-
kkubo. [20]Naye oyo afuna ezaa-
gwa mu mayinja, y'oyo awulira
ekigambo n'akikwata mangu
ago n'essanyu; [21]naye ate ne ki-
taba na mirandira mu ye, ne ki-
beerawo akaseera katono. Ku-
banga ebizibu bwe bijja n'okuyi-
gganyizibwa olw'ekigambo, yesi-
ttala mangu. [22]Naye oyo afuna
ensigo ez'omu maggwa awulira
ekigambo, okweraliikirira n'o-
bulimba bw'ensi n'eby'obuga-
gga ne bikifumitafumita, n'a-
tabala bibala. [23]Naye oyo afuna
ezaagwa ku ttaka eddungi,
y'oyo awulira ekigambo n'aki-
tegeera, y'oyo abalira ddala
ebibala era ne byeyongerayonge-
ra; abamu kikumi, abamu nkaa-
ga, n'abamu amakumi asatu."**



### Olugero kye ki?

Mu ngeri eno kuba kugereesa nga tufuna eky'okulabirako oba okutangaaza amazima agali mu ddiini.

### Eby'okukola

A. Wammanga awo waliwo emboozi ezeetaaga okujjuzamu mu mabanga. Soma nate olugero olyoke ojjuzemu ebigambo ebituufu.

1. Ensigo ezaagwa ku mabbali g'ekkubo zaalibwa ______ ________________ (4).
2. Ensigo ezaagwa ku mayinja tezaafuna ____________ (5) lingi olwo omusana bwe gwayaka nga zimaze okumeruka ne _________________ (6), olw'okuba nga tezaalina mirandira ne ___________________________.
3. Ensigo ezaagwa mu maggwa, ________________ gaazifumita (7).
4. Ensigo ezaagwa mu ttaka eddungi za ___________(8).

### Amakulu g'olugero gannyonnyolwa

B. Nate soma olugero akatundu akannyonnyola amakulu galwo olyoke ojjuzemu mu mabanga.

1. Ensigo ezaagwa ku mabbali g'ekkubo zifaananyizibwa nga abantu abawulira _____________ by'obwakabaka bwa Katonda naye ne bagaana ___________________ (19). Awo omubbi ajja n'abanyagako amazima gabyo mu mitima gyabwe.
2. Ensigo ezaagwa mu mayinja ziri nga abantu abawulira __________________ ne bakikwata n'essanyu (20). Naye olw'okuba nga mu mitima gyabwe temubeeramu bbanga lyabyo, ekigambo tekisimba mirandira. Awo bwe wajjawo ebizibu n'okuyigganyizibwa nga _________________ (21).
3. Ensigo ezaagwa mu maggwa ziri nga abantu abawulira Ekigambo, naye ne bafuba nnyo mu mitawaana __________ eno nga okukola eby'enju, okufumba, okusuubula, n'okunoonya eby'amasanyu. Era eby'obugagga by'ensi eno bibalimba ne bifumita ________________. Ne bafuuka ________________ ________________ (22).
4. Ensigo ezaagwa ku ttaka eddungi ziringa abantu abawulira Ekigambo, ne bakitegeera. Bakikwata mu mitima gyabwe n'essanyu era ne batandika okukulembeza Katonda mu bulamu bwabwe. Buli kintu kyonna ekiyinza okubajjira tekiyinza kubasuula. Tebaganya kweraliikirira bya buli lunaku kuyingira kufumita Kigambo; era emitima gyabwe tebagitunuuliza bya bugagga. Beekuumira mu kusaba era nga beesiga Katonda okubayambanga. N'olw'ekyo, babala ______________ bingi, abamu kikumi, abalala nkaaga, n'abalala amakumi asatu (23).



### Ekibuuzo: Oli muwulizi wa kika ki?

Bw'oba tobadde nga ensigo ezaagwa mu ttaka eddungi, genda eri Mukama Yesu mu kusaba era omukkirize okujja mu mutima gwo ne mu bulamu bwo. Ajja kukuyamba okubala ebibala bingi.

## ESSOMO 14. OMUSALABA N'ENGULE


Matayo 16:24-28



**[24]Awo Yesu n'agamba abago-
berezi be nti, "Buli ayagala oku-
ngoberera, yeefirize yekka, a-
kwate omusalaba gwe, angobe-
rere. [25]Kubanga buli ayagala
okulokola obulamu bwe ku lwa-
nge alibubuza, era buli abuza o-
bulamu bwe ku lwange alibu-
zuula. [26]Kubanga omuntu alifu-
na magoba ki bw'agobolola mu
nsi yonna, naye n'afiirwa o-
mwoyo gwe? Oba omuntu kiki**

**ky'aliwanyisa mu kifo ky'omwoyo gwe? [27]Kubanga Omwana w'Omuntu alijjira mu kitiibwa kya Kitaawe ne bamalayika be, olwo aligabira bonna empeera okusinziira ku mirimu gyabwe. [28]Mazima ddala mbagamba nti, waliwo abayimiridde wano abatagenda kulega ku kufa okutuusa lwe baliraba Omwana w'Omuntu mu bwakabaka bwe."**

### Omusalaba Gwa Bonna



Bwe tubeera nga twagala okugoberera Yesu, tuteekwa okuba nga twetegese okubuza obulamu bwaffe ebintu ebimu nga tubyegaana. Olwo twetikka omusalaba Yesu gw'atwagaliza. Yesu alina omusalaba ogugwo era n'ogwange. Yaleka byonna ekitiibwa n'eby'obugagga n'ajja ku nsi atulokole mu kufa, geyena, n'amagombe! Yabonabona nnyo ku lwaffe. Abaebbulaniya 12, Olunyiriri 2b lugamba nti Yesu; **"Olw'essanyu lye yali alindirira yagumiikiriza omusalaba, so teyatya kuswaala, era atudde ku mukono ogwa ddyo ogwa nnamulondo ya Katonda."** Weewaawo, Yesu kati yaddayo mu ggulu eri ekitiibwa ekingi n'essanyu. Ayagala ggwe nange tugende eyo tubeerenga naye. Mu Yokaana 14:3, Yesu atutegeeza bw'ati; **"Era ngenda kubategekera bifo, Ndikomawo nate okubanona; eyo gyendi, nammwe gye mulibeera."**

Okwefiiriza kitegeeza ki? Kitegeeza ebintu ebimu obutabikola osobole okukola ekisingako okuba ekikulu. Yesu ayinza okukugamba oleme kukozesa nsimbi zo oziweeyo ziyambe mu kubunyisa enjiri eri abantu abatalina Bayibuli oba abatannawulira bulungi nnyo bigambo bya Yesu! Akyayinza



okukugamba okusiiba okumala akabanga nga osabira omuntu alokoke oba omulwadde okuwonyezebwa. Oba akyayinza okukugamba oleme kugula kintu ky'obadde oyagala naye ensimbi oziwe abayala oba abali mu bwetaavu. Yesu ayinza okukugamba ogende mu kifo ekimu obuulire abantu baayo ebya Yesu. Ebiseera ebimu atugamba okulabirira omwana eyafiirwako bazadde be, oba n'okumutwalira ddala okubeera naye mu maka gaffe ne tuyamba mu kubakuza. Waliwo engeri nyingi ze tuyinza okwefiirizamu ne tuyamba abalala.

### Emmeeme yo Yamuwendo nnyo Okusinga Ensi

Singa okola n'ofuba nnyo n'ofuuka nagagga mu nsi, naye nga obadde toyagala Yesu era nga tomugoberera newakubadde okumwesiga okuba Omulokozi wo, obeera musirusiru nnyo. Emmeeme yo ebula! Wano tewali magoba gonna gayinza kusasula bulamu butaggwaawo! Omuntu kiki ky'alisasula olw'emmeeme ye? Waliwo omusajja omu eyayagala ab'ewabwe bamusiime okusinga nga bwe yandibadde asiimibwa Katonda. Mu ngeri eyo emmeeme ye yagiwaanyisamu n'okubeera omwatiikirivu nga yeenoonyeza ettutumu. Tewali kirabo kyonna mu nsi muno kiyinza kugabibwa bantu ba nsi eno ababi ekiyinza okwenkana n'emmeeme y'omuntu. Tetuteekeddwa kukola kintu kyonna kiyinza kutujja ku Mukama waffe Yesu Kristo.

### Eby'okukola

Yiga olunyiriri luno: **"Kubanga Omwana w'Omuntu alijjira mu kitiibwa kya Kitaawe ne bamalayika be, olwo aligabira bonna empeera okusinziira ku mirimu gyabwe."**
—Matayo 16:27



## ESSOMO 15. YESU AYAGALA ABATO



Matayo 18:10-14

**[10]"Mwekuume mulemenga kunyooma bato bano, era mbagamba nti eyo mu ggulu bamalayika babwe balaba amaaso ga Kitange ali mu ggulu. [11]Kubanga Omwana w'Omuntu yajja kulokola ekyo ekyabula. [12]Mulowooza mutya? Omuntu bw'abeera n'endiga ekikumi, emu ku zo n'ebula, taleka ziri ekyenda n'agenda mu lusozi okunoonya eri ebuze? [13]Era bw'agizuula, mazima ddala, mbagamba nti, ajaguza nnyo olw'eyo okusinga ekyenda mu omwenda ezitabuze. [14]Era si kwe kwagala kwa Katonda ali mu ggulu yadde omu ku bato bano okubula."**

### Bye Tuyiga Okuva mu Lugero luno

1. Abaana abato balina bamalayika. Bamalayika abo buli lunaku balaba amaaso ga Katonda eyo mu ggulu. N'olw'ekyo tulina okubeera abegendereza mu ngeri gye tuyisaamu abaana. Tuteekwa okuyamba omwana okukola ebituufu.
2. Omwana w'Omuntu nalyo linnya ddala lye bayita Yesu Kristo, Omwana wa Katonda. Oluusi bamuyita Mwana wa Muntu kubanga yazaalibwa Maliyamu eyali nga tamanyi musajja era bulijjo ayitibwa Mwana wa Katonda kubanga talina taata wa mubiri era Katonda Ye Kitaawe.
3. Ekyaleeta Yesu ku nsi, yajja kulokola ekyo ekyabula.
4. Era nga omusajja oli bwe yagenda okunoonya endiga ye eyali ebuze, bw'atyo ne Yesu Kristo bwe yajja okutunoonya.
5. Era nga omusajja oli bwe yasanyuka ennyo ng'alabye endiga ye, bw'atyo Yesu bw'asanyuka bwe tukkiriza n'atuzuula!



6. Yesu asanyuka nnyo bwe wabeerawo omwana yenna amussamu obwesige era n'amukkiriza. Tayagala yadde omu kw'abo okulabika ng'abula. Ayagala bonna balokolebwe.
7. Kino kitulaga nga bwe kiri ekikulu ennyo okusomesa abaana abato ebikwata ku Yesu era n'okubakulembera okubatuusa eri Yesu.

### Bye Tulina Okulowoozako

Ekibuuzo: "Kiki ekituuka ku muntu agezako okugobaganya omwana ng'ayagala okumulemesa okukkiriza ebya Mukama waffe Yesu Kristo?"

Eky'okuddamu: Yesu agamba bw'ati mu Matayo 18:6: **"Naye buli alyesittaza omu ku bato bano abanzikiriza n'amusuula mu kibi, kyandibadde kirungi okumusiba olubengo mu bulago, n'asuulibwa mu buziba bw'ennyanja."**


## YESU AYAGALA ABAANA ABATO OKUJJA GY'ALI



Makko 10:13-16

**[13]Awo ne bamuleetera abaana abato okubakomako, naye abayigirizwa be ne bababoggolera abo abaabaleeta. [14]Naye Yesu bwe yabalaba, n'asunguwala nnyo n'abagamba nti, "Muleke abaana abato bajje gyendi so temubagaana, kubanga abali nga abo obwakabaka bwa Katonda bwe bwabwe. [15]Mazima mbagamba nti, buli atakkiriza bwakabaka bwa Katonda nga omwana omuto, talibuyingiramu n'akatono." [16]N'abawambatira mu mikono gye n'abawa omukisa.**

## ESSOMO 16. TUTEEKWA OKUSONYIWA ABALALA



Matayo 18:21-35
21 Awo Peetero n'ajja gy'ali
n'amugamba nti, "Mukama wa-
nge, muganda wange bw'ana-
nsobyanga, n'amusonyiwanga
emirundi emeka? Emirundi mu-
sanvu?" 22 Yesu n'amugamba
nti, "Sikugamba nti mirundi mu-
sanvu, naye okutuusa ku miru-
ndi nsanvu emirundi musanvu.
23 N'olw'ekyo obwakabaka bw'e-
ggulu bufanana nga kabaka
eyayagala okukaanya n'abaddu
be. 24 Awo bwe yatandika oku-
kikolako ne bamuleetera gwe
yali abanja ttalanta olukumi.
25 Naye bwe zaamulema okusa-
sula, mukama we n'alagira nti
bamutunde, ne mukazi we era
n'abaana ne byonna bye yali-
na, alyoke asasulwe. 26 Awo
omuddu n'afukamira wansi,
n'agamba nti, 'mukama wange,
ngumiikiriza, ndikusasula byo-
nna.' 27 Awo mukama w'omuddu
oyo n'akwatibwa ekisa, n'amu-
sonyiwa ebbanja n'amuleka
n'agenda. 28 Naye omuddu oyo
bwe yali afuluma n'asisinkana
muddu munne gwe yali abanja
dinali kkumi; n'amukwata
amataayi ng'amugamba nti,
'Nsasula mangu!' 29 Bw'atyo
muddu munne n'afukamira
n'amwegayirira, ng'agamba
nti, 'Ngumiikirizako, ndiziku-
sasula zonna.' 30 Naye teyamu-
sonyiwa, yamukwata n'amu-
twala mu kkomera bamusibe
okutuusa lw'alimusasula. 31 Awo
bakozi banne bwe baalaba
byonna ebyaliwo, ne bana-
kuwala nnyo, ne bagenda ne
bategeeza ku mukama wabwe
munnabwe bye yakola. 32 Awo
mukama wabwe kwe kumuyita
n'amugamba nti, 'Ggwe omu-
ddu omubi! Nnakusonyiwa
ebbanja lyonna kubanga wa-
nneegayirira. 33 Nawe wali to-
sobola kukwatirwa kisa mu-
ddu munno, nga nange bwe
nakusaasira?' 34 Mukama we
yasunguwala nnyo, n'amuwaa-
yo bamubonyebonye okutuusa
ng'asasudde byonna ebyali bi-
mubanjibwa. 35 Bw'atyo Kita-



nge bw'alikola buli omu ku
mmwe, atasonyiwa byonoono
bya muganda we mu mutima
gwe."

### Essomo lino lituyigiriza ebintu bingi

1. Okukalaatira "okutuusa ku nsanvu emirundi musanvu" kye batugamba ekiraga nga okusonyiwa tekuteekwa kukoma.

2. Omuddu eyalina ebbanja lya kabaka omutwalo gwa ttalanta omulamba eryo lyali bbanja ddene nnyo! Ttalanta emu yokka nga ebeeramu ensimbi nnyingi. Kati nga ebbanja ly'omuddu oyo olikubisamu emirundi mutwalo! Kyandibadde kintu kizibu nnyo omuddu oyo okusobola okusasula ebbanja lya kabaka.

3. Omuddu bwe yasaba kabaka okumugumiikiriza, kabaka yalaga okwagala kwe okungi bwe yamusonyiwa ebbanja lyonna!

4. Omuddu ono yalaga obutasiima bwe baamukolera ekikolwa eky'ekisa, ye bwe yagenda okubanja muddu munne ebitono bye yali amubanja. Mu nsimbi za Roma, eddinali ekikumi tezaali nsimbi nyingi. Omuddu oyo teyali mwenkanya kukwata muddu munne mataayi ng'amubanja! Katonda ebikolwa byaffe byonna abiraba, era yakiraba nga omuddu oyo muddu munne teyamuyisa bulungi nga ye bwe baamuyisa!

5. Omuddu eyasooka teyawuliriza kwegayirira kwa musajja oli omwavu, yamukwata bukwasi n'amuteeka mu kkomera asibibwe okutuusa lw'alizisasula. Bw'aba nga tekyamwanguyira kusasula nga ssi musibe, mazima ddala nga kigenda kuba kizibu nnyo okusasula ng'ali mu kkomera.

6. Kabaka baamutegeeza ku kikolwa ekyo ekibi. Ekyo kabaka ne kimusunguwaza nnyo kubanga yalaba nga omuddu oyo bwe yasonyiyibwa teyasiima. Omuddu oyo naye yandibadde ng'afuna omutima ogwagala okusonyiwa abo bonna be yali abanja!

7. Olw'ensonga nti omuddu omubi yagaana okusonyiwa munne, naye mwene yali ateekwa kusibibwa era abonerezebwe okutuusa lw'alisasula ebyo kabaka bye yali amubanja.



8. Yesu yagamba nti naffe tugenda kukolebwa bwe tutyo bwe tugaana mu mitima gyaffe okusonyiwa abalala.

9. Ekigambo kya Katonda kituyigiriza mu Abaruumi 3:23 nti fenna twayonoona **"Kubanga bonna baayonoona ne batatuuka ku kitiibwa kya Katonda."** Twali nga tetusobola kusasula bbanja lyaffe ery'ebibi nga tuli bonoonyi mu maaso ga Katonda. Naye Yesu, omutukuvu atuukiridde era atalina kibi, yajja n'atufiirira kwe kwali okusasula ebbanja olw'ebibi byaffe. Yatusumulula n'atufuula ba ddembe! 1 Yokaana 3:5 atugamba bw'ati: **"Era mumanyi nga yalabisibwa okujjawo ebibi byaffe, era mu Ye temuli kibi kyonna."**

10. N'olw'ekyo, olw'ensonga nti Katonda atusonyiwa ebibi byaffe ku lwa Yesu era n'abijjirawo ddala, Ayagala naffe abalala tubasonyiwe byonna bye batusobya. Bwe tusonyiwa abalala, tuba tulaga Katonda nga bwe tulina mu mitima gyaffe okusiima olw'okusonyiyibwa ebibi byaffe ne tufuuka ba ddembe.

### Bye Tulina Okujjukira



Okusasula ekibi olw'obulungi kintu kya mutawaana nnyo era kibi; okujjukira ekirungi olw'obulungi abangi kye basinga okukola; naye okusasula obulungi olw'ekibi; kwe kufanana ne Mukama waffe Yesu Kristo. Yesu yasabira abalabe be na bali abaali bamubonyabonya. Mu Lukka 23:34b, tusoma essaala Yesu gye yasaba: **"Kitange basonyiwe, kubanga tebamanyi kye bakola."**

## ESSOMO 17. OMUSAJJA OMUGAGGA OMUNAKUWAVU

Matayo 19:16-26
16 Era laba, omu n'ajja n'a-
mugamba nti, "Omuyigiriza O-
mulungi, nkole ntya nsobole





okusikira obulamu obutagwaa-
wo?" 17 Naye n'amugamba nti,
"Ompitira ki omulungi? Omu-
lungi ali omu yekka, Ye Kato-
nda. Naye bw'oba nga oyagala
okutuuka mu bulamu obuta-
ggwaawo, tuukirizanga ama-
teeka." 18 N'amuddamu nti, "Ga-
liwa?" Yesu n'amugamba nti,
"Tottanga; toyendanga; tobba-
nga; tolimbanga; 19 Bazadde bo
obassangamu ekitiibwa era oya-
galanga muliranwa wo nga bwe
weeyagala wekka." 20 Omuvu-
buka n'amugamba nti, "Ebyo
byonna mbadde nga mbye-
kuuma okuviira ddala mu buto
bwange, kiki kye mpeebuu-
kako?" 21 Yesu n'amugamba nti,
"Bw'oba nga oyagala okutuu-
kirira, genda otunde by'olina
byonna ogabire abaavu, kale
oliba n'eby'obugagga mu ggu-
lu; ojje ongoberere." 22 Naye o-
muvubuka bwe yawulira ebyo,
n'avaawo n'agenda nga ana-
kuwadde kubanga yalina eby'o-
bugagga bingi. 23 Awo Yesu n'a-
gamba abayigirizwa be nti,
"Mazima ddala mbagamba
nti, kizibu nnyo omugagga
okuyingira mu bwakabaka
obw'eggulu. 24 Nate mbagamba
nti, kyangu eng'amira okuyita
mu nnyindo y'empiso okusinga
omugagga okuyingira mu bwa-
kabaka bwa Katonda." 25 Aba-
yigirizwa be bwe baabiwulira
ne bawuniikirira nnyo, ne ba-
gamba nti, "Kale ani aliloko-
ka?" 26 Naye Yesu n'abatunuuli-
ra n'abagamba nti, "Kino teki-
soboka eri abantu naye eri Ka-
tonda byonna biyinzika."

### Eby'okukola

A. Wandiika wammanga awo ebiragiro bitaano kw'ebyo Yesu bye yagamba omuvubuka okubyekuumanga.

1.______________________________

2.______________________________

3.______________________________

4.______________________________

5.______________________________

B. Ebibuuzo bino wammanga biddemu nti YEE oba NEDDA. Eky'okuddamu kyo kiwandiike awo awali omusittale.

1. Omuvubuuka yagamba nti yeekuumanga amateeka gonna? ________________ (20)

2. Yesu yagamba nti omuvubuka oyo bw'aba nga ayagala okutuukirira agende atunde byonnna bye yali alina? ____________________ (21)

3. Omuvubuka ono ensimbi ze yali alina kuzigabira bagagga? _______________ (21)

4. Yesu omuvubuka yamuyita ajje amugoberere? _______ __________________ (21)

5. Omuvubuka ono yagoberera Yesu? ______________ ________________________________________(22)

6. Omuvubuka ono yavaawo nga musanyufu? _____ _________________________________________ (22)

## ESSOMO 18. YESU ATEGEEZA EBIGENDA OKUMUTUUKAKO NGA EKISEERA TEKINATUUKA





Matayo 20:17-19

[17]Awo Yesu n'ayambuka okugenda e Yerusalemi era yali wamu n'abayigirizwa be ekkumi



n'ababiri, awo bwe baali nga batambula n'abategeeza ebigambo bino, [18]"Laba, twambuka okugenda e Yerusalemi, era Omwana w'Omuntu balimulyamu olukwe ne bamuwaayo mu mikono gya bakabona abakulu n'abawandiisi; era balimusalira gwa kufa, [19]era balimuwaayo mu mikono gy'ab'amawanga okumuduulira n'okumubonyaabonya era n'okumukomerera naye ku lunaku olw'okusatu alizuukira."

### Okufa kwa Kristo Tekwajja lwa Butanwa

Ekiseera kya Yesu okukomererwa kyali nga tekinatuuka naye Yesu n'ategeeza ku bayigirizwa be **ebyo** ebyali bigenda okumutuukako. Okufa kwe yafiira ku musalaba kyali kitundu ku nteekateeka Ye ey'okutulokola mu bibi byaffe. Yokaana Essuula 3, enyiriri 14 ne 15, atugamba bw'ati: **"Era nga Musa bwe yawanika omusota mu ddungu, n'Omwana w'Omuntu bw'atyo bw'ateekwa okuwanikibwa, buli amukkiriza aleme okubula naye abeere n'obulamu obutaggwaawo."** Buli kinn'omu ku ffe yandibadde ng'asiima nnyo okufa kwa Yesu kwe yatufiirira. Si nsonga langi ki ey'olususu oba eggwanga gy'abeera. BONNA **YABAFIIRIRA.** (LABA 2 Abakkolinso 5:15.)

Ekigambo **"buli"** kitegeeza **ggwe** oba omulala **yenna** akkiriza! BW'OBA nga okkiriza nti Yesu yafa ku musalaba AKULOKOLE okuva mu bibi BYO, olwo GGWE ofuna OBULAMU OBUTAGWAAWO!


**"Kubanga Katonda bwe yayagala ensi bw'ati, n'okuwaayo n'awaayo Omwana we eyazaalibwa omu yekka, buli muntu yenna amukkiriza aleme okubula, naye abeere n'obulamu obutaggwaawo."** —Yokaana 3:16a

## ESSOMO 19. KRISTO ATWALIBWA

Matayo 27:11-26

[11]Awo Yesu n'ayimirira mu maaso ga ow'essaza. Ow'essaza n'amubuuza nti, "Ggwe kabaka w'Abayudaaya?" Yesu n'addamu nti, "Nga bw'oyogedde." [12]Awo bakabona abakulu n'a-





bakadde ne bamuloopa mu bigambo bingi naye Ye teyayanukula kigambo kyonna. [13]Awo Pilaato n'amugamba nti, "Towulira ebyo byonna bye bakulumiriza?" [14]So teyamuddamu kigambo kyonna, ow'essaza ne yewuunya nnyo. [15]Yali nkola yabwe buli ku kuyitako nga babateera omu ku basibe gwe baali basazeewo okubateera. [16]Awo ne babateera Balaba eyali omutemu. [17]Awo bwe baakung'ana Pilaato n'ababuuza nti, "Mbateere ani? Balaba oba Yesu gwe bayita Kristo?" [18]Kubanga yakimanya nga baamuwaayo lwa bujja. [19]Bwe yatuula mu ntebe ye esalirwamu emisango, mu-kyala we n'amutumira ng'agamba nti, "Omuntu oyo omutuukirivu tomukola kintu kyonna, kubanga nalumiddwa nnyo bwe nnamuloose nga nneebase." [20]Naye bakabona abakulu n'abakadde ne bawaliriza ebibiina okusaba babateere Balaba, bazikirize Yesu. [21]Naye ow'essaza n'addamu n'ababuuza nti , "ku bano bombi ani gwe mwagala okubateera?" Ne bagamba nti "Balaba." [22]Pilaato n'abagamba nti, "kale naakola ntya Yesu oyo gwe bayita Kristo?" [23]Bonna ne bagamba nti Akomererwe. [24]Naye Pilaato bwe yalaba nga taasobole kugumiikiriza luyoogaano, n'addira amazzi n'anaaba mu ngalo nga bonna balaba n'abagamba nti, "Nze ssiriiko musango lwa musaayi gw'omuntu ono omutuukirivu; musango gwammwe." [25]Abantu bonna ne baddamu nti "Omusaayi gwe gubeere ku ffe, ne ku baana baffe." [26]Awo n'abasumululira Balaba naye Yesu ne bamukuba n'embooko n'amuwaayo bamukomerere.




### Eby'okukola

Wammanga awo waliwo ebibuuzo by'olina okuddamu nga eby'okuddamu obisanga mu ssomo 19. Essomo ddamu nate olisome, olwo ojjuzemu mu mabanga.

1. Yesu bakabona abakulu n'abakadde bwe baamuloopa yaddamu nti, __________________ (12).
2. Kino ow'essaza kyamwewuunyisa______ _______ (14).
3. Balaba lyali linnya lya musajja eyali _____________(16).
4. Ani gwe baabateera? ______________________ (26).
5. Abantu baagamba nti Yesu ___________________(22).

## ESSOMO 20. YESU BAMUTIKKIRA ENGULE EY'AMAGGWA



Matayo 27:27-30

[27]Awo abaserikale b'ow'essaza ne batwala Yesu mu kifo awasalirwa emisango, (kyayitibwanga Purayitoriyo) era abantu bangi ne beekung'anya. [28]Ne bamwambulamu engoye ze ne bamwambaza olugoye olumyufu. [29]Ne baluka engule ey'amaggwa, ne bagimutikkira ku mutwe, ne bamukwasa n'olumuli mu mukono gwe ogwa ddyo. Ne bamufukamirira ne batandika okumuduulira nga bagamba nti, "Mirembe Kabaka w'Abayudaaya!" [30]Ne bamuwandira amalusu, ne bamukuba olumuli ku mutwe.

### Engeri gye Baayisamu Yesu

Ebintu ebizibu ennyo abasajja abakambwe bye baakola

Kristo mu nsi muno, naffe biyinza okututuukako. Abasajja abakambwe tebayagala Katonda. Tebayagala Yesu Kristo era yatutegeeza ebikwata ku nsonga eyo mu Yokaana, essuula 15, enyiriri 18-20a; **"Ensi bw'ebakyawanga, mumanye nga yasooka kukyawa Nze. Singa mubadde ba nsi, ensi yandibadde eyagala ekyayo. Naye olw'okuba nga temuli ba nsi, ky'evudde ebakyawa. Mujjukire ebigambo bye nnabagamba, 'Omuddu tasinga mukama we.' Nga bwe baanjigganya Nze, nammwe bagenda kubayigganya."** Yesu alina ekyama ekikulu eky'okugabanako naffe mu Yokaana 16, olunyiriri 33; **"Ebintu bino mbibabuulira, mulyoke mubeere n'emirembe gyange. Mujja kulaba ebizibu bingi mu nsi, naye mugume kubanga nze mpangudde ensi."**

### Eby'okukola

Wammanga awo waliwo ebibuuzo by'olina okuddamu nga eby'okuddamu obisanga mu ssomo 20. Ddamu nate obisome, olyoke ojjuzemu mu mabanga.


1. Abaserikale baayambula Yesu engoye ze ne bamwambaza ___________________ ekimyufu (28).
2. Baaluka engule _________ ____________ ne bagiteeka ku ___________________________ (29).
3. Yesu baamuduulira bwe baamufukamirira ne bamugamba nti, **"Mirembe ________________ w'Abayudaaya"** (29).
4. _______________________ ku mutwe ne bakozesa _______________________ ne bamukuba ku mutwe (30).

## ESSOMO 21. YESU ATTIBWA

Matayo 27:31-38 n 50-54

**[31]Awo bwe baamala okumukuba n'okumuduulira, ne bamujjamu ekyambalo kye baali bamwambazza ne bamwambaza engoye ze, ne bamutwala okumukomerera. [32]Awo bwe baali**







**nga bamufulumya, ne basisinkana omusajja ow'e Kuleene, eyayitibwanga Simooni. Oyo ne bamuwaliriza okwetikka omusalaba. [33]Bwe baatuuka mu kifo ekiyitibwa Gologosa, amakulu gaakyo, Ekifo ky'Ekiwanga, [34]ne bamuwa omwenge omukaatuufu nga bagutabudde mu by'okunywa ebirala. Naye bwe yagulegako, n'atasobola kugunywa. [35]Awo ne bamukomerera, ne bagabana engoye ze nga bazikubira akalulu, ebyawandiikibwa bituukirire ebyayogerwa banabbi nti: "Baagabana ebyambalo byange era olugoye lwange ne balukubira akalulu." [36]Ne batuula wansi ne bamutunuulira. [37]Waggulu ku mutwe gwe ne bateekawo ekiwandiiko ekigamba nti: ONO YE YESU KABAKA W'ABAYUDAAYA. [38]Awo ne bamukomerera n'abanyazi abalala babiri omu ku mukono gwe ogwa ddyo n'omulala ku mukono ogwa kkono. [50]Yesu bwe yaakowoola mu ddoboozi eddene, n'ata omwoyo gwe. [51]Era laba ejjiji lya yekaalu ne liyulikamu wabiri okuva waggulu okutuuka wansi ne wabaawo ekikankano kinene era n'enjazi ne zaatika, [52]entaana ne zibikkuka, abatukuvu bangi abaafa ne bazuukira. [53]Bwe baava mu ntana zabwe ne bagenda ne beeraga eri abantu mu kibuga ekitukuvu. [54]Awo omukulu w'ekitongole n'abo abaali naye, abo abaali bakuuma Yesu, ne balaba okukankana ne byonna ebyaliwo, ne batya nnyo ne bagamba nti, "Mazima ddala ono abadde Mwana wa Katonda!"**



### Yali Ani?

1. Ani gwe baawaliriza okwetikka omusalaba gwa Yesu? ___________________________________________ (32).
2. B'ani be baakomerera awamu ne Yesu, omu ku mukono gwe ogwa ddyo, n'omulala ku mukono ogwa kkono? _________________ (38)
3. Omukulu w'abasibe n'abantu abaali naye nga balaba ebigenda mu maaso bwe baalaba ekikankano n'ebintu ebirala byonna Yesu bye yakola, baagamba nti yali ani? _________________ ____ _____________________(54)

## ESSOMO 22. YESU AZIIKIBWA



Matayo 27:57-66

**[57]Bwe bwatuuka akawungeezi; omusajja omugagga n'ajja ng'ava Alimasaya era yayitibwanga Yusufu, era naye yali muyigirizwa wa Yesu. [58]Omusajja oyo n'agenda eri Pilaato n'asabayo omulambo gwa Yesu, era Pilaato n'alagira ne buguмuwa. [59]Yusufu bwe yatwala omulambo n'aguzinga mulugoye olweru, [60]n'aguzazika mu ntaana gye yabajja mu lwazi; n'ayiringisa ejjinja eddene n'aliteeka ku mulyango gw'entaana n'avaayo. [61]Era Malyamu Mangadaleena ne Malyamu omulala nabo baaliyo nga batudde awo ku mabbali g'entaana. [62]Ku lunaku olwaddirira, lwe lunaku oluddirira olw'okutegeka, bakabona abakulu n'Abafalisayo ne bakung'anira ewa Pilaato, [63]ne bamugamba nti, "Ssebo tujjukidde, omulimba oyo bwe yali ng'akyali mulamu bye yayogera, ng'agamba nti; 'oluvanyuma lw'ennaku ssatu ndizuukira.' [64]N'olw'ekyo lagira entaana bagikuumire ddala okutuusa ku lunaku olw'okusatu, si kulwa nga abayigirizwa be bajja ekiro ne babbamu omulambo gwe ne bagamba nti 'yazuukidde okuva mu bafu.' Bwe kityo obulimba obw'oluvanyuma bulisinga buli obwasooka." [65]Pilaato n'agamba nti, "mulina abakuumi; mugende mugiteekeko abakuumi nga bwe mumanyi." [66]Awo ne bagenda entaana ne bagiteekako abakuumi nga n'ejjinja balitaddeko envumbo.**



### Okwagala Yusufu kwe yalina eri Kristo

Yusufu, omusajja omugagga, yayagala Yesu era ne yeewaayo okumuziika, mu ntaana eyiye ku bubwe gye yali yeetegekedde. Mukama we omwagalwa bwe yalaba ng'afudde, n'asalawo okumuwummuliza omwo. Omuntu alina okwagala kwa Yesu okutuufu tayinza kuba nga yeeyagaliza yekka. Bulijjo okwagala kitegeeza kugabana. Bw'obeera n'okwagala, onoonyereza engeri gy'oyinza okubeera omuweereza. Oyagala Yesu? Wazuula dda engeri gy'oyinza okumuweerezamu? Kiki ky'okola ku lwa Yesu?

### Yesu yawaayo obulamu bwe

Yesu, mu kwagala kwe Ye, yawaayo obulamu bwe atulokole ggwe nange mu bibi byaffe. Yali alina kuyiwa musaayi gwe omutukuvu n'afa alyoke asasule omutango olw'ebibi byaffe. Abaebbulaniya 9:22 atugamba nti awatali kuyiwa musaayi tewali kujjawo bibi. Yesu yafuuka ssaddaaka etuukiridde kubanga Ye mwene teyaliiko kya kunenyezebwa kyonna. Yokaana 1:29b atugamba nti; **"Laba! Omwana gw'endiga owa Katonda Ajjawo ebibi by'ensi!"** Tewali muntu mulala yenna yandisobodde kufa ku musalaba kujjawo bibi byaffe, era tewali kirala kyonna nga zaabu oba feeza oba ente yadde ensolo endala yonna oba ekintu ekiramu ekyandiyinzizza okujjawo ebibi byaffe. Laba Peetero, essuula 1, enyiriri 18 ne 19: **"Kubanga mumanyi nga temwa-**

**nunulibwa na bintu ebiggwaawo, ffeeza oba zaabu,… wabula omusaayi ogw'omuwendo omungi, nga ogw'omwana gw'endiga ogutaliiko bulema newakubadde ebbala ye Kristo."**

Tutegeera tutya nga Yesu yawaayo obulamu bwe lwa kwagala kwe? Yokaana 10:18a agamba nti: **"Tewali abunzijako, naye mbuwaayo nzekka. Nnina obuyinza obubuwaayo, era nnina obuyinza obw'okubweddiza nate."** YESU ALINA OBUYINZA BWONNA! Laba ne Matayo 28:18.

Yesu bwe yayimirira mu maaso ga Pilaato alyoke akomererwe, Pilaato yali alowooza nti yalina obuyinza obumukomerera oba obumusumulula n'amuta. Naye weetegereze ebigambo bya Yesu ebiri mu Yokaana 19:11a **"Yesu n'addamu nti 'Tewandibadde na buyinza bwonna ku nze; singa tebwakuweebwa kuva waggulu.' "**

Kristo yawaayo obulamu bwe ku lw'ensi zonna, era abo bonna okuva mu buli nsi na buli ggwanga bwe bakkiriza Yesu balokolebwa. Kakasa nga OLI omu kw'abo ABAKKIRIRIZA mu MUKAMA YESU! Soma Okubikkulirwa 5:9: **"Ne bayimba oluyimba oluggya, nga boogera nti, 'Osaanidde okukwata ekitabo okubembula obubonero bwakyo; kubanga wattibwa, n'otununula okutukomyawo eri Katonda ku lw'omusaayi gwo mu buli kika n'olulimi n'abantu n'eggwanga.'"**

### Abalabe ba Yesu Bagezako Okumulemezayo mu Ntaana

Bakabona abakulu n'Abafalisaayo abaali abalabe ba Yesu, baayagala okulabira ddala nga entaana ekuumibwa nnyo waleme okubaawo omuntu n'omu ajjayo Yesu mu ntaana. Kino kitulaga nga okuzuukira kwa Yesu kwa kyewuunyo nnyo. Kitulaga bulungi nga baakifuula ekitasoboka kujjayo Yesu mu ntaana! Era n'abakuumi baateekebwa ku ntaana balabire ddala ekigenda mu maaso. Mu ssomo 23, tujja kulaba eky'amagero nga kibeerawo!



### Emikono Egy'entiisa

"Lwaki mujaguliza Kalavaliyo?" ekibuuzo ekyo omuntu eyalabika okukirowoozako nga ekitali kya buntu ye yakibuuza mu biseera si bya wala nnyo. Era yalabika nga ekibuuzo ekyo kyali kimuzitoweredde nnyo. Yang'amba nti, "Kirowoozeeko," okujaguliza okukomerera okw'Ekirooma; okuttibwa kwonna, omuntu yamalanga kuzza musango ne gumumegga. Omusalaba baagugalamizanga ku ttaka, ne bateekako omuzzi w'omusango, ne bamukomereramu emisumaali mu ngalo ne mu bigere gusobole okumunywereza kuli. Olwo ne balyoka bayimusa omusalaba nga bagusimidde ekinnya mwe bagusimba okutuusa omubi lw'afa. Era okwo kwe kujaguza kw'Abakristaayo nga basembera ku mmeeza entukuvu oba kye bayita Ekyeggulo kya Mukama waffe. Mbategeeza ekyo ekintu si kya buntu, kizibu nnyo siraba na ngeri gye kiyinza kunnyonnyolwamu."

"Aha, mukwano gwange," ne muddamu, "Ekintu okirowoozako nga tomaze kulowooza ku nsonga lwaki kyakolebwa. Olemeddwa okukikwataganya obulungi n'oli eyakomererwa. Leka nkutegeeze ku kintu ekimu ekyaliwo kye nnawulirako."

"Waaliyo omukazi omulungi, naye nga emikono gye gyalemala era nga gitiisa nnyo. Waayitawo emyaka mingi nga muwala we yeebuuza lwaki emikono gya maama we gyali gifaanana bwe gityo era n'aba nti tayagala na kugitunulako nga gimukwasa ensisi; lwali lumu n'agamba bw'ati:

"Maama, obwenyi bwo mbwagala, amaaso go, n'enviiri zo. Birungi nnyo naye nnyabo, emikono gyo nga mibi nnyo era saagala na kugitunulako. Lwaki gyakyama bwe gityo mu ngeri ey'entiisa?"

"Mpuliriza mwana wange, bw'atyo bwe yamuddamu. 'Kankubuulire ekyatuuka ku mikono gyange. Bulijjo mbadde nga saagala kukubuulira, naye kiba kirungi n'okitegeera. Kaakano emyaka giweze nga kkumi. Bwe waali nga okyali



muto nnyo—nnali nkwagala nnyo, naye nga kati lwe nsinga okukwagala. Wali olina emyezi esatu gyokka. Ku makya kw'olwo, nnalina eby'okukolako bingi. Bwe nnamala okukuwa eby'okulya, ne nkuzazika ne ng'enda mu ffumbiro naye era nga mpuliriza okuwulira kyonna ekiyinza okukutuukako. Ssaalwayo nnyo, naye nga nnalwayo okusinga nga bwe nnali nkirowooza.

"Nnagenda okuwulira nga waliwo ampita ne ntunula ebweeru; ng'abantu baleekaana nti omuliro. Ne nziruka okuva mu ffumbiro okuyita mu lukuubo. Nnagenda okulaba nga oluggi lw'emiryango lwaka omuliro era omuliro gwali gwa maanyi nnyo. Baliraanwa ne bajja okutuyamba. Olwo nga omuliro gutandise okwambuka waggulu. Nnabunira era nga sikyavaamu kigambo kyonna. Mu lukuubo nga waliwo esuuka ennene elengejja okuva waggulu, nengibaka ne njezingirira mu maaso ne ku bibegabega ne nneyongerayo, ne mpita mu muliro ne nkuwalulayo ne nkuzinga mu ssuuka z'okubuliri, ne nkuteeka mu kifuba kyange, ne nziruka nga nkukutte ne nfuluma mu nnyumba. Omutwe gwange, amaaso n'ebibegabega byo byaawona, naye emikono n'ebibatu omuliro gwabyookya enyama n'eggwa ku magumba. Luno lwe lugero lw'emikono gyange era lwaki mibi nnyo.

"Kaakano laba ebigambo by'omuwala oyo. Yali mwana nga yazaalibwa buzaalibwa. Teyaliiko kisobyo kyonna. N'abaka emikono gya maama we egitiisa, n'agikwata n'engalo ze ennungi ennyo, n'aginywegera n'emimwa gye emirungi n'atunuulira maama we mu maaso n'amugamba nti, 'Oh maama! Obwenyi bwo mbwagala, amaaso go, ensingo yo, enviiri zo, naye emikono gino emyagalwa gye nsinga okwagala.' Era mu ngeri nga eyo, tuyinza okulowooza ku kufa kwa Yesu e Kalavaliyo." *—Tubyeyazise ku Presbyterian Banner*



### Bye Tulina Okukolera Katonda

1. Tuteekwa okwatulira Kristo ebibi byaffe ne tusonyiyibwa (1 Yokaana 1:9).
2. Tuteekwa okukkiriza Yesu Kristo ne tulyoka tulokolebwa (Ebikolwa 16:31).
3. Tuteekwa okwagala Katonda n'omutima gwaffe gwonna, n'emmeeme yonna, n'endowooza yonna (Matayo 22:37).
4. Tuteekwa okwatula Kristo, nga Ye Mwana wa Katonda mu maaso g'abantu (Matayo 10:32).
5. Tuteekwa okutambulira mu bulamu obusanyusa Katonda (1 Abasessaloniika 4:1).

## ESSOMO 23. YESU AVA MU BAFU



Matayo 28:1-10

**[1]Naye olunaku olwa Ssabiiti bwe lwali lugenda okuggwaako, ng'olunaku olubereberye mu nnaku omusanvu lunaatera okukya, Malyamu Mangadaleene ne Malyamu omulala ne bajja okulaba entaana. [2]Era laba, ne wabaawo ekikankano ekinene ku nsi, kubanga malayika wa Mukama yakka okuva mu ggulu n'ajja n'ayiringisa ejjinja n'alituulako. [3]Naye ekifaananyi kye kyali nga kumyansa, n'engoye ze zaali zitukula nga omuzira: [4]era entiisa ye n'ekankanya abakuumi, ne baba nga abafudde. [5]Naye malayika n'addamu n'agamba abakazi nti, "Mmwe temutya: kubanga mmanyi nga munoonya Yesu eyakomererwa. [6]Tali wano azuukidde nga bwe yagamba. Mujje mulabe ekifo Mukama we yagalamira. [7]Mugende mangu, mubuuulire abayigirizwa be nti Azuukidde mu bafu; era abakulembedde okugenda e Galiraaya, eyo gye muli mulabira. Laba mbabuulidde." [8]Ne bava**

mangu ku ntaana n'entiisa n'essanyu lingi, ne badduka okugenda okutegeeza abayigirizwa be. [9]Laba, bwe baali nga bagenda Yesu n'abasisinkana n'abagamba nti, Mirembe. Ne bajja ne bamukwata ku bigere ne bamusinza. [10]Awo Yesu n'abagamba nti, "Temutya: mugende mubuulire baganda bange bagende e Galiraaya gye balindabira."

### Eby'okukola

Bw'omala okusoma Essomo 23, nga ojjuzamu mu mabanga ekigambo ekituufu.

1. Malayika wa Mukama yakka okuva mu ggulu n'ayiringisa ____________________ (2). Ebyambalo bye byali bitukula nga ________________________ (3).

2. Abakuumi baatya nnyo ne bakankana ne bafaanana nga ________________________ (4).

KRISTO YAWANGULA okufa n'amagombe, n'entaana tulyoke tubeere balamu nate! Agamba mu Yokaana 14:19b nti, **"Kubanga Nze ndi mulamu, nammwe muli balamu."** Agamba mu Yokaana 11:25b ne 26a nti, **"Nze kuzuukira n'obulamu. Akkiriza Nze, newakubadde ng'afudde aliba mulamu. Na buli muntu mulamu akkiriza Nze talifa emirembe n'emirembe."**

## ESSOMO 24. EBIGAMBO BYA YESU EBYASEMBAYO



Matayo 28:16-20

**[16]Naye abayigirizwa ekkumi n'omu ne bagenda e Galiraaya, ku lusozi Yesu gye yabalagira. [17]Bwe baamulaba ne bamusinza: naye abalala ne babuusabuusa. [18]Yesu n'ajja n'ayogera nabo, n'agamba nti, "Mpeereddwa obuyinza bwonna mu ggulu ne ku nsi. [19]Kale mugende, mufuule amawanga gonna abayigirizwa, nga mubabatiza okuyingira mu linnya lya Kitaffe, n'Omwana, n'Omwoyo Omutukuvu; [20]nga mubayigiriza okukwata byonna bye nnabalagira mmwe; era laba, nze ndi wamu nammwe ennaku zonna, okutuusa emirembe gino lwe giriggwaawo." Amiina.**



Bwe tubeera n'omwagalwa waffe nga anaatera okufa, twegomba nnyo okutwala era tuyaayaanira okuwulira ebigambo bye ebisembayo. Ebigambo ebisembayo tetubyerabira ebyo ebyogerwa mukwano gwaffe nga tannaba kufa era bibeera bikulu nnyo gyetuli! Ebigambo ebirala eby'oluvanyuma ebya Yesu, mulokozi waffe, bwe yali nga tannaba kuddayo mu ggulu bye bino: **"Mugende mu nsi zonna mubuulire enjiri eri buli kitonde"** (Makko 16:15b).

Ofuba nga bw'osobola okutwala ebigambo bya Yesu bino ebyasembayo?

### Lwaki Kitugwanidde Okubuulira ku Balala?

Ebikolwa 4:12 agamba nti: **"Tewali mu mulala bulokozi, kubanga tewali linnya ddala wansi wa ggulu eryatuweebwa okutulokola."** Kino kiraga nga YESU LY'ESSUUBI lyokka lye tulina ku lw'obulamu obutagwaawo!

Yokaana 14:6 agamba nti: **"Yesu n'amugamba nti, 'Nze kkubo, n'amazima, n'obulamu. Tewali n'omu ajja eri Kitange wabula nga ayise mu Nze.' "** Era tukiraba nga YESU ly'e KKUBO lyokka erituuka eri KITAFFE!

### Ekigezo ky'Omugoberezi Omutuufu

Yesu agamba nti: **"Bwe muba nga munjagala, munakwatanga amateeka gange"** (Yokaana 14:15). Etteeka erisooka era erisinga obukulu tulisanga mu Matayo 22:37b. Likolera wamu n'emirimu gye tulina okukolera Katonda. Lye lino: **"Yagalanga Mukama Katonda wo n'omutima gwo gwonna, n'emmeeme yo yonna, n'amagezi go gonna."** N'etteeka ery'okubiri lirina kugenda ne bye tulina okukola ku lw'abantu bannaffe wonna wonna. **"Yagalanga muliranwa**



**wo nga bwe weeyagala wekka"** (Matayo 22:39b). **"Ku mateeka gano abiri kwe kusinziira Etteeka lyonna ne banabbi"** (Matayo 22:40).

## ESSOMO 25. YESU AKOMAWO NATE

### Bubonero ki Obulaga Okujja Kwe?

Soma essuula ya Matayo eya 24 olyoke ofune bulungi ekifaananyi ekituufu eky'obubonero bw'okujja kwa Kristo. Wano wammanga waliwo ebimu ku bintu ebyayogerwako.

1. Bakristo bangi ab'obulimba balijja nga beeyita Kristo era ne balimba bangi. Tetuteekwa kubagoberera (5, 23, 24 ne 25).

2. Walibeerawo entalo n'ettutumu ly'entalo. Eggwanga nga ligolokokera ku ggwanga, obwakabaka nga bulwanyisa obwakabaka (enyiriri 6 ne 7).

3. Walibeerawo okulumwa enjala, n'ebikankano mu bifo bingi. Eyo ntandikwa butandikwa ey'okulumwa (enyiriri 7 ne 8).

4. Abakristaayo baliweebwayo ne babonyabonyezebwa, okuttibwa, era n'okukyayibwa amawanga mangi kubanga be bayitibwa erinnya lya Kristo (lunyiriri 9). Kristo yajja mu nsi muno okubonaabona ku lwaffe, tulyoke tufune obulamu obutaggwaawo, kale olwo tuliba n'akakisa okukakasa okwagala kwaffe nga tubonyabonyezebwa ku lulwe.

5. Naye nno, Abakristaayo bangi bagenda kuyisibwa bubi era balekere awo okugoberera Kristo. Bagenda kwogera bubi ku bannabwe nga babalyamu enkwe era bakyawagane (olunyiriri 10).

6. Banabbi bangi ab'obulimba bagenda kuvaayo, era balimberimbe bangi. Baliba nga baweereddwa obuyinza okukola eby'amagero bingi n'obubonero ebyewuunyisa, nga bagezako okulimbalimba n'abakristaayo abasinga obugumu (enyiriri 11 ne 24).

7. Walibeerawo okulya kungi, okunywa, okuwasa, n'okufumbiza era nga bwe kyali mu nnaku za Nuuwa bwe yali ku nsi (enyiriri 37-39).

8. Oluvanyuma lw'okubonaabona okungi, enjuba erifuuka ekizikiza, omwezi nagwo nga tegukyayolesa kitangaala kyagwo, emunyeenye ne zigwa okuva mu ggulu, n'amaanyi g'eggulu galinyeenyezebwa (olunyiriri 29).



### Agenda Kujja Atya?

1. Okujja kwe kuliba kwa mangu nnyo. Matayo 24:27 agamba nti, **"Nga okumyansa bwe kuva e buvanjuba ne kulabikira e bugwanjuba; Bwe kutyo bwe kuliba okujja kw'Omwana w'Omuntu."**

2. Agenda kujjira mu bire by'eggulu n'amaanyi n'ekitiibwa kingi. Matayo 24:30 atugamba ebikwata ku nsonga eyo.

3. **"Buli liiso lirimulaba… "** Okubikkulirwa 1:7).

4. **"Kubanga Mukama waffe yennyini alikka okuva mu ggulu n'okwogerera waggulu okw'eddoboozi eddene erya malayika omukulu n'ekkondeere lya Katonda. Era abo abaafiira mu Kristo be balisooka okuzuukira. Naffe abalamu abasigaddewo ne tulyoka tutwalibwa wamu nabo mu bire okumusisinkana Mukama waffe mu bbanga; kale bwe tutyo tunabeeranga ne Mukama waffe ennaku zonna. Kale mwesanyusenga n'ebigambo bino"** (1 Abasessaloniika 4:16-18).

5. **"Oyo Yesu abajjiddwako n'atwalibwa mu ggulu, alijja bw'atyo nga bwe mumulabye ng'atwalibwa mu ggulu"** (Ebikolwa 1:11b).


### Engeri Y'okwekuuma nga Twetegekedde Yesu

**"Naye bwe tutambulira mu kitangaala nga Ye bw'ali ekitangaala, tubeera nga tussa kimu fekka na fekka, era**

**omusaayi gwa Yesu Kristo Omwana we gutunaazaako ebibi byaffe byonna”** (1 Yokaana 1:7).

### Oyagala Okugenda mu Ggulu?

Siiga ekifaananyi ky’omulenzi oyo ali mu kkubo ettuufu.




Zabbuli 86:5 — **“Kubanga ggwe Mukama, oli mulungi, era osonyiwa era ojjudde ekisa eri abo bonna abakukowoola.”**


Yokaana 14:6 — **“Yesu n’amugamba** [Tomasi] **nti, ‘Nze kkubo, n’amazima, n’obulamu. Tewali n’omu ajja eri Kitange okujjako ng’ayita mu Nze.’ ”**

### Engeri gye Tutuukayo

**Eddaala 1 — Funa Okunakuwala Olw’ebibi byo BYONNA**

Waliyo akawala akagamba nti, “Okunakuwalira ebibi kitegeeza okunakuwala ekimala n’otuuka n’obutabiddamu.”





Setaani akozesa emize emibi n’asibira abantu mu kibi.

Atusiba ku njegere tuleme okwefunira eddembe.

Jangu, enjegere ne byonna, bireete eri **Yesu**. Ajja kukuwa eddembe.


**Eddaala 2 — Weenenye era Oyatulire Katonda**

1 Yokaana 1:9 — **“Bwe twatula ebibi byaffe, Ye wa mazima era mwenkanya ayinza okutusonyiwa ebibi byaffe n’atunaazako ebitali bya butuukirivu byonna.”**

### Yesu Mutegeeze Byonna — Ajja Kuwulira Essaala yo



Goberera obutonyeze obwo ozuule ayinza okukutula enjegere z’ekibi.



**Eddaala 3 — Mukkirize era Omusembeze mu Mutima Gwo ne mu Bulamu bwo**

Ggulawo olugi lw’omutima gwo okkirize Yesu ayingire mu mutima gwo KAAKANO!!

Okubikkulirwa 3:20a — **“Laba nyimiridde ku lugi nkonkona. Omuntu yenna bw’awulira n’aggulawo olugi, nange nnayingira gy’ali.”**

Tujja kubeera n’obukakafu nti tuli babe bwe twenenyeza ddala ne tukkiriza.

Abaruumi 8:16 — **“Omwoyo Yennyini atujulira mu mitima gyaffe nti tuli baana ba Katonda.”**

### WAKKIRIZA Yesu Kristo nga Omulokozi wo?

### Okukola nga Ekigambo kya Katonda

**1. Bwe tumala** okwenenya ebibi byaffe, ne

**2. Nga tumaze** okukkiriza Kristo nga **Omulokozi waffe**,

**3. Olwo — tuteekwa okukola nga ekigambo kya Katonda bwe kigamba.**

Tuteekwa okwekuuma nga tutambulira mu kitangaala nga tugoberera Yesu mu bulamu bwaffe **obwa** bulijjo. Soma 1 Yokaana, essuula 1, olunyiriri 7.



**Eddaala 4 — Genda mu Maaso nga Otambulira mu Kristo buli Lunaku**

Yokaana 8:31b ne 32 agamba bw’ati: **“Bwe munywerera ku Kigambo kyange, mubeera bayigirizwa bange ddala. Era mulimanya amazima, era n’amazima ge galibafuula ab’eddembe.”**

### Okusaba Katonda Buli Lunaku Kijja Kutufuula ba Maanyi

Eby’okukola

Siiga emikono egyo egisaba okulaga kye tuteekeddwa okukola tusobole okunywera ku lwa Katonda.




### Soma Ekigambo kya Katonda Buli Lunaku

Tereka Ekigambo kye mu mutima gwo. Kwata mu mutwe enyiriri nyingi nga bw'osobola.

### Kristo Wamwetwalira dda okuba Omulokozi wo?

Bw'oba nga wakikola dda, wandiika awo mu kifaananyi ky'omutima erinnya lyo.



Abalala nabo bategeeze ebikwata ku Yesu ne byonna bye yakukolera.



## *EBINTU BYE TWETAAGA OKUMANYA*

### KATONDA YAKOLA ENSI YAFFE



Olubereberye 1:1-25

**[1]Olubereberye Katonda yato-
nda eggulu n'ensi. [2]Ensi yali yee-
tabuddetabudde; n'ekizikiza kya-
li kungulu ku buziba; Omwoyo
wa Katonda n'amaamira ku-
ngulu ku mazzi. [3]Awo Katonda
n'ayogera nti, "Wabeewo obu-
tangaavu." Ne wabaawo obuta-
ngaavu. [4]Katonda n'alaba nga
obutangaavu bulungi. Katonda
n'ayawula obutangaavu ku kizi-
kiza. [5]Katonda obutangaavu
n'abuyita Emisana, n'ekizikiza
n'akiyita Ekiro. Bwe kityo aka-
wungeezi n'amakya ne luba o-
lunaku olwasooka. [6]Katonda
n'ayogera nti, "wabeerewo ebba-
nga wakati mu mazzi, lyawule
amazzi n'amazzi." [7]Katonda
n'ateekawo ebbanga okwawula
amazzi agali wansi w'ebbanga
n'amazzi agali waggulu mu
bbanga: bwe kityo bwe kyali.
[8]Katonda ebbanga n'aliyita e-
ggulu. Ne buba akawungezi ne
buba enkya, olwo lwe lunaku
olw'okubiri. [9]Katonda n'ayoge-
ra nti, "Amazzi agali wansi w'e-
ggulu gakung'anire mu kifo
ekimu, olukalu lulabike," bwe ki-
tyo bwe kyali. [10]Katonda oluka-
lu n'aluyita ensi, n'ekkung'a-
niro ly'amazzi n'aliyita ennya-
nja; Katonda n'alaba nga biru-
ngi. [11]Katonda n'ayogera nti,
"Ensi emere ebimera, omuddo
ogubala ensigo, omuti gw'ebi-
bala, ogubala ebibala mu ngeri
yagwo ogulimu ensigo yagwo";
[12]Katonda n'alaba nga birungi.
[13]Ne buba akawungeezi ne buba
enkya olwo lwe lunaku olw'o-
kusatu. [14]Katonda n'ayogera
nti, "wabeewo ebyaka mu bba-
nga ery'eggulu, byawulenga
emisana n'ekiro: bibenga ng'o-
bubonero, n'ebiro n'ennaku
n'emyaka; [15]bibenga nga etta-
baaza mu bbanga ery'eggulu**



**byakenga ku nsi": bwe kityo
bwe kyali. [16]Katonda n'akola
ebyaka ebinene bibiri; ekyaaka
ekisinga obunene okufuganga
emisana, n'ekyaka ekitono oku-
fuganga ekiro era n'emunyee-
nye. [17]Katonda n'abiteeka mu
bbanga ly'eggulu byakenga ku
nsi [18]bifugenga emisana n'e-
kiro, era byawulenga obuta-
ngaavu n'ekizikiza: Katonda
n'alaba nga birungi. [19]Ne buba
akawungeezi ne buba enkya;
n'olwo lwe lunaku olw'okuna.
[20]Katonda n'ayogera nti, "ama-
zzi gazaale ebyewalula bingi
ebirina obulamu era n'ekibuu-
ka kibuuke ku nsi mu bbanga
ly'eggulu." [21]Katonda n'atonda
balukwata abanene, na buli
ekirina obulamu ekyewalula
ekyazaalibwa amazzi mu ngeri
zaabyo, na buli ekibuuka ekiri-
na ebyoya mu ngeri yakyo. Ka-
tonda n'alaba nga birungi.
[22]Katonda n'abiwa omukisa
n'ayogera nti, "Mweyongere
mwale mujjuze amazzi ag'omu
nnyanja, era n'ebibuuka bye-
yongere mu nsi." [23]Ne buba aka-
wungeezi ne buba enkya, olwo
lwe lunaku olw'okutaano. [24]Ka-
tonda n'ayogera nti, "Ensi eree-
te ekirina obulamu mu ngeri ya-
akyo, ente, n'ekyewalula, n'e-
nsolo y'ensi mu ngeri yaayo";
bwe kityo bwe kyali. [25]Katonda
n'akola ensolo y'ensi mu ngeri
yayo, n'ente mu ngeri yaazo, na
buli kyewalula ku nsi mu ngeri
yaakyo. Katonda n'alaba nga
birungi.**



## KATONDA YATONDA OMUNTU

Olubereberye 1:26-31

**[26]Katonda n'ayogera nti, "Tu-
kole omuntu mu ngeri yaffe;
bafugenga ebiri mu nnyanja
n'ebibuuka waggulu n'ente
n'ensi yonna na buli kyewalula
ku nsi." [27]Katonda n'atonda
omuntu mu ngeri Ye; mu ngeri
ya Katonda mwe yabatondera
omukazi era n'omusajja. [28]Ka-
tonda n'abawa omukisa; Kato-
nda n'abagamba nti "Mweyo-
ngere mwalenga mujjuze ensi
mugirye; mufuge ebiri mu
nnyanja n'ebibuuka waggulu
na buli ekirina obulamu ekita-**



**mbula ku nsi." [29]Katonda n'a-
yogera nti, "Laba mbawadde
omuddo gwonna ogubala ensi-
go okuli ku nsi yonna, na buli
muti ogulimu ekibala ky'omuti
ogubala ensigo gunabeeranga
mmere yammwe; [30]n'eri buli
nsolo ey'omu nsi, na buli eki-
buuka mu bbanga na buli ekye-
walula ku nsi; ekirimu omukka
n'obulamu, mbiwadde omuddo
omubisi okubeeranga emmere
yaabyo." Bwe kityo bwe kyali.
[31]Katonda n'alaba buli ky'a-
koze, era laba, nga birungi
nnyo. Ne buba akawungeezi, ne
buba enkya, olwo lwe lunaku o-
lw'omukaaga.**



Olubereberye 2:7

**[7]Mukama Katonda n'abumba
omuntu mu nfuufu y'ensi, n'a-
mufuuwa mu nnyindo omukka
ogw'obulamu; omuntu n'afuu-
ka emmeeme ennamu.**

### Bye Tulina Okujjukira

Omuntu wa njawulo okuva ku bintu ebirala byonna ebiramu. Tetuli nga bisolo. Bayibuli etutegeeza mu 1 Abakkolinso 15:39 amazima gano amakulu: **"Emibiri gyonna si gya kika kimu, naye waliwo ebika nga eky'omubiri gw'omuntu, omubiri omulala gwa nsolo, omulala gwa byennyanja, n'ebirala binyonyi."** Omubiri gw'omuntu tegwawukana bwawukanyi kyokka ku bitonde ebirala naye era omuntu yakolebwa nga **emmeeme ennamu.** Bwe tuzaalibwa tulina **gye tubeera**. Abantu abakkiriza Mukama waffe Yesu Kristo nga Omulokozi bagenda kubeera n'obulamu obutaggwaawo, naye abo abagaana okwetwalira Kristo mu mitima gyabwe balibeera mu kulumwa okutakoma! Yokaana 5:28 ne 29 agamba nti: **"Kino kireme okubeewuunyisa;**

**kubanga ekiseera kijja bonna abali mu ntaana lwe baliwulira eddoboozi, ne bazuukira, abo abaakola obulungi, balizuukrira obulamu, n'abo abaakola obubi, balizuukirira omusango."**

Fenna tugenda kuyimirira mu maaso g'entebe ya Kristo ey'omusango. Abaebbulaniya 9:27 agamba nti; **"Era nga bwe kyateekerwawo omuntu okufa omulundi gumu, naye oluvanyuma musango."** Abaruumi 14:10b-12 agamba nti; **"Nga bwendi omulamu, bw'ayogera MUKAMA, Buli vviivi lirinvunnamira era na buli lulimi lulinjatula eri Katonda; Kale buli omu ku ffe aliwaayo embalirira ye eri Katonda."**

Enyiriri ezo waggulu era zoongera okutulaga nga ffe tuli banjawulo ku bisolo. Kituufu nga ensolo nazo zifa ne zidda mu ttaka, naye Omubuulizi 3:21 alaga bulungi **enjawulo** eriwo wakati w'omwoyo gw'omuntu n'omwoyo gw'ensolo. Agamba bw'ati: **"Ani amanyi emyoyo gy'abaana b'abantu egigenda waggulu, n'omwoyo gw'ensolo, ogukka wansi mu ttaka?"** N'olwekyo, tulaba nga omwoyo gw'omuntu guddayo eri oli eyagugaba. Omubuulizi 12:7 atugamba nti: **"Awo enfuufu n'edda mu ttaka mwe yava, n'omwoyo ne guddayo eri Katonda eyagugaba."**

## Omuntu Yetaaga Omulokozi

Abaruumi 3:23 — **"Kubanga bonna baayonoona ne batatuuka ku kitiibwa kya Katonda."**

Abaruumi 5:12 — **"N'olw'ekyo, ekibi nga bwe kyayita mu muntu omu ne kiyingira mu nsi, ate n'okufa ne kuyita mu kibi, bwe kityo okufa ne kubuna mu bantu bonna, kubanga bonna baayonoona."**

Yokaana 3:5b — **"Omuntu bw'atazaalibwa mazzi na Mwoyo, tayinza kuyingira mu bwakabaka bwa Katonda."**



## Katonda Atuteekerawo Omulokozi

Abaruumi 5:6-11 — **"Kubanga bwe twali nga tukyali banafu, mu ntuuko za Kristo yafiirira abatatya Katonda. Kubanga kizibu omuntu okufiirira omutuukirivu yadde nga omuntu ayinza okuguma n'afiirira omulungi. Naye Katonda alaga okwagala kwe Ye gyetuli, kubanga bwe twali nga tukyalina ebibi Kristo yatufiirira. Kale okusinga ennyo kaakano nga twaweebwa obutuukirivu bwe olw'omusaayi gwe, tugenda kulokoka mu busungu ku bubwe. Kuba bwe twali nga tukyali balabe, twatabaganyizibwa ne Katonda olw'okufa kw'Omwana we, okusinga ennyo mu kutabaganyizibwa okwo tulirokoka olw'obulamu bwe; so si ekyo kyokka, naye era nga twenyumiriza mu Katonda kubwa Mukama waffe Yesu Kristo, gwe tuyitamu kakano okuba nga tufuna okutabaganna."**

Yokaana 3:16 ne 17 — **"Kubanga Katonda bwe yayagala ensi bw'atyo n'okuwaayo n'awaayo Omwana we eyazaalibwa omu yekka, buli amukkiriza aleme okubula naye abeere n'obulamu obutagwaawo. Kubanga Katonda teyatuma Mwana we kusalira ensi omusango, naye ensi elokokere ku Ye."**

## Tuteekwa Okukkiriza Kristo ne Tulyoka Tulokoka

Yokaana 3:18 — **"Oyo akkiriza mu Ye taliiko musango; naye atamukkiriza gumaze okumusinga, kubanga takkiriza linnya lya Mwana wa Katonda eyazaalibwa omu yekka."**

Ebikolwa 16:31b — **"Mukkirize Mukama waffe Yesu Kristo, munaalokolebwa, mmwe n'ab'ennyumba zammwe."**

Yokaana 5:24b — **"Oyo awulira Ekigambo kyange n'akkiriza Oyo eyantuma alina obulamu obutagwaawo, era talisalirwa musango, naye ayise mu kufa n'atuuka mu bulamu."**



## Ebiddibwa mu Bibuuzo

Eby'okuddamu byonna mu bibuuzo ebiri mu "Ssanyu" Matayo, biri awo wammanga nga ojja kusobola okwekebera olabe oba nga bye waddamu bituufu. Bino olina kubikebera nga omaze kuddamu bibuuzo byonna. Bw'oba nga wawubwa n'ogwamu busatu n'okukka wansi, olwo nga okoze bulungi nnyo.

**Olupapula 1, 2**
A. 1. Malyamu
2. Omwoyo Omutukuvu
3. malayika
4. Emmanweri
5. Katonda ali naffe

**Olupapula 5**
A. 1. Yee 4. Nedda
2. Yee 5. Yee
3. Nedda 6. Yee
7. Yee

B. Era bwe baatuuka mu nnyumba, ne balaba omwana ne **Malyamu** nnyina, ne bavunama ne **bamusinza.** Ne basumulula ensawo zaabwe ne bamutonera **ebirabo: zaabu,** obubaane, **n'omugavu.**

**Olupapula 8**
A. 1. Eggulu 3. Yesu
2. enzige, n'omubisi gw'enjuki ez'omu nsiko 4. jjuba
5. Omwana

**Empapula 10, 11**
A. 1. amakumi ana
2. omulabe (omukemi oba Setaani)
3. omugaati 4. yekaalu
5. Ye

**Olupapula 13**
A. 1. Andereya 3. Yokaana
2. omugonjo 4. obutimba

**Olupapula 16**
A. Kitaffe ali mu **ggulu,** erinnya lyo litukuzibwe. Obwakabaka bwo bujje. By'oyagala bikolebwe mu **nsi**, nga bwe bikolebwa mu **ggulu.** Tuwe leero **emmere** yaffe eya bulijjo. Era otusonyiwe ebyonoono byaffe, nga bwe tusonyiwa **abatusobya.** Totutwala mu kukemebwa naye otulokole eri **omubi**. Kubanga obwakabaka, **n'obuyinza, n'ekitiibwa,** bibyo, emirembe n'emirembe. Amiina.

**Olupapula 22**
A. 1. mugezi 2. musiru

**Empapula 28, 29**
A. 1. binyonyi
2. ttaka, ziwotoka, zikala
3. amaggwa 4. ebimera
B. 1. kigambo, kutegeerwa
2. kigambo, kwesittala
3. gy'ensi eno, ekigambo, abatalina bibala
4. kibala ebibala

**Empapula 37, 38**
A. 1. Tottanga
2. Toyendanga
3. Tobbanga
4. Towayirizanga
5. Kitaawo ne nnyoko obawanga.
6. Oyagalanga muliraanwa wo nga bwe weeyagala wekka.
B. 1. Yee 4. Yee
2. Yee 5. Nedda
3. Nedda 6. Nedda

**Olupapula 41**
A. 1. bwereere
2. na maanyi
3. musibe
4. Balunabba
5. kukomererwa

**Olupapula 42**
A. 1. ekyambalo
2. amaggwa, omutwe
3. Kabaka 4. okuwanda, olumuli

**Olupapula 44**
A. 1. Simooni (omusajja Omukuleene)
2. abanyazi
3. Omwana wa Katonda

**Olupapula 50**
A. 1. ejjinja, omuzira 2. abafu



## EBY'OKUKOLA

Wammanga awo jjuzamu mu mabanga buli w'olaba nga oyinza okuddamu nti "YEE" nga tolimba. Ekigambo okiwandiikewo nti "YEE."

_______ 1. Mu kusoma bino ebiri mu katabo "SSANYU," wawulidde nga Katonda ayogera n'omutima gwo?

_______ 2. Wandiyagadde okubeera omuntu wa Mukama waffe Yesu Kristo n'okufuna OBULAMU OBUTAGGWAAWO?

_______ 3. Mazima ddala owulira nga ebibi byo bikunakuwaza oba ebikyamu byonna bye wakola? Mu mazima oyagala okulekayo ebibi ebyo n'obutaddirayo ddala kubikola?

_______ 4. Wasaba eri Yesu nga omutegeeza nti weenenya?

_______ 5. Wasaba Yesu n'otuuka n'okuwulira nga ofunye emirembe mu mutima gwo, era omanyi nga yawulira okusaba kwo n'akusonyiwa ebibi byo byonna? Jjukira nga Ye yasuubiza nti **Bwe** twatula ebibi byaffe, Ye wa mazima era mwenkanya okutusonyiwa ebibi byaffe. (Soma 1 Yokaana 1:9 ku lupapula 55 mu kitabo kino.)

_______ 6. Kaakano weesiga Kristo nga Omulokozi wo?

_______ 7. Nga oyambibwako Mukama, onoomugobereranga era nga bw'omusaba buli lunaku akuyambe otambulire mu bulamu bw'asiima?

_______ 8. Onaakola kyonna ky'osobola okulaba nga oyamba abalala nabo bazuule Yesu abeere Mulokozi wabwe?

# KRISTO AKOMAWO NATE!



## WEETEGEKE

**“N’olw’ekyo nammwe mweteeketeeke: kubanga mu kiseera kye mutasuubiriramu; Omwana w’Omuntu ky’ajjiramu.”** —Matayo 24:44

www,wmpress.org 1009/2 Luganda Matthew